

# *AMANNYA AGAVVOOLA*

 Weebale, Ow'oluganda Neville. Kino mbadde—mbadde sikisuubira. Ssaabaddle wa kubaawo wano olwa leero. Naye, akawungeezi ka leero wajja kubaawo okulya okussa ekimu, kale nna—nnalowoozezza nti ob'olyawo nsobola okujja ku makya. Era nnakubidde Ow'oluganda Neville essimu, n'agamba nti, "Naye, kati, bw'oba onaabbeerawo," n'agamba, "Iwaki tobuuilirako gye tuli?"

<sup>2</sup> Naye muli ne ndowoozaamu nti, kale, ne bwe nnaaba nsobodde okujja, singa kinaaba kisobose, nnyinza obutabuulira, naye nnandyagadde okwogerako eri ekkanisa ku nsonga, nga bwe mumanyi, ze ndowooza nti ziyanza okuzzaamu ekkanisa amaanyi.

<sup>3</sup> Twakakomawo okuva—okuva mu lugendo lwaffe olw'okuyigga olukomekkereza omwaka, nze wamu n'ab'oluganda, bano wano, era twalina ekiseera ekirungi ddala. Tuli—tuli basanyufu nnyo, fenna twajjuza, ne—ne tufuna n'omuyiggo gwaffe gwe twali tunoonya. Era—era nze n'omusumba waffe tumanyi bulungi ddala ennyama y'ensolo ez'omu nsiko bw'eri ennungi, ennyo ddala. Kale twafunayo empeewo ennungi. Era nnafunayo eddubu n'empeewo bbiri. Bwe tutyo ne tukomawo.

<sup>4</sup> Era kino kye kisaanidde okuba ekiseera we nnina okubuulirira ku Bubonero obwo omusanvu obusembayo. Naye ekkanisa tebaasobola kugimaliriza. Era waliwo ekintu, ekiziyiza, ekyaviirako ekyo. Era, ndowooza abakulira ekibuga be batukaluubirizza, olw'obutaba na kifo kimala aw'okusimba emmotoka olw'obungi bw'abantu be...ekkanisa b'enaaba etuuza.

<sup>5</sup> Wano twagala kuzimbawo kizimbe kya kkanisa kipyä, era twamaze okufuna ekitundu ekiwerako ekya ssente ze twetaaga olw'enteekateeka eyo, eya—ey'okuzimba e—ekkanisa ennene. Naye emirundi gye tubaddenga n'enkuunjajaana bwe ziti, wewaawo, mumanyi bulungi ekibaawo. Kiba kintu ekinakuwaza ennyo. Okulaba abantu nga bayimiridde beesigamye ebrisenge, abalala nga bali wabweru mu nkuba, kale—kale—kyennyamiza nnyo. Nfunu n'okukolokotebwa okuva eri mikwano gyange. Nga yanjambla nti, "Ow'oluganda Branham, kirabika nga..." Waliwo dokita mukwano gwange, yanjambla nti, "Olabika weetaaga okufunayo ekifio ekirala." N'agamba nti, "Bambi mpulira ennaku, nga bayitawo."

<sup>6</sup> Waliwo ne nnansi muliraanwa wange, yanjambla nti, "Nze, lumu nnajjayo ku ssaawa kkumi n'emu ez'okumakya. Ku olwo waali wa kubaawo..." N'agamba nti, "Naye nnagenda

okutuuka ku kkanisa nga abantu baakunjaanye dda, ku ssaawa kkumi n'emu ez'okumakya. Ate nga wali wa kutuukawo ku ssaawa ssatu n'ekitundu." Kale, mukiraba, ddala kikaluuibiriza.

<sup>7</sup> N'olwekyo twagala ekkanisa engazi obulungi, buli muntu mw'asobola okufuna ekifo n'atuula n'akkalira. Era tulowooza nti tuli mu nnaku ez'oluvannyuma, kye tukkiriza. We tuteekwa... okuba nga tuyigiriza Ekkanisa—ku—ku bintu bino, ebinaatera okubaawo, ebintu ebyalagulwako, ebimu ku byo, okumala enkumi n'enkumi z'emyaka. Nga ne wakati w'emyaka abiri mu etaano n'asatu, mu kkanisa eno yennyini, waliwo ebyalagulwako, nti bijja kutuukirira. Era nga kati tubiraba nga bituukirira. N'olwekyo tusaanye okuba nga tuzza buggya ebintu bino, naye tetulina kifo kimala. Kale enkyo ya leero...

<sup>8</sup> Eggulo, nnabadde nkuba amasimu wamu n'okubaako ebintu ebirala bye nkolako, nga n'olweggulo lwa leero, mnina amasimu amalala ag'okukuba, n'ebirala eby'okukolako. Waabaddewo n'abantu abaabadde baagala okunsisinkana, waliwo omuvubuka omulungi ddala, eyafuna okwennyika mu mutima, ow'oluganda omuweereza nga ali ku mulimu gw'enjiri. N'abalala bwe batyo, n'ow'oluganda okuva e Norway. Era—era nnabasisinkanye ne tuwayaamu mu kasenge emabega. Bwe nnamalirizza ne ηŋamba nti, "Kale, kati ndowooza, ka tufulume."

<sup>9</sup> Ow'oluganda Neville kwe kutugamba nti, "Naye era, tusobola okuja ne tubaako ebigambo ebitonotono eby'okuzzaamu amaanyi bye twogera eri Ekkanisa." Eki...

<sup>10</sup> Ekimu ku bintu ebisooka bye njagala okwogera. Nnинаво wano bye nnawandiise ku lupapula, bye, nnayagadde okwogerako, nga nzize mu kkanisa. Ekimu ku bye nnawandiise ky'ekikwata ku kufa kwa Muganda waffe omwagalwa Taylor bwe twaliwiwo.

<sup>11</sup> Ow'oluganda Taylor abaddenga asabira mu kkanisa eno okumala emyaka n'emyaka. Era nkakasa, nga fenna tubadde tumumanyi. Naye bwe wabaawo abagenyi mu makkati gaffe, ye mwami oyo omulungi nnamukadde eyabayambanga okubafunira ekifo, aw'okutuula. Ow'oluganda Taylor, omulundi gwe nnasembayo okumulaba, okutuusa lwe ndiddamu okumulaba nga muvubuka, yali ayimiridde awo ku luggi wiiki nga ssatu oba nnya eziyise. Yanŋamba nti, "Nnandyagadde okufunayo ku bitabo, Ow'oluganda Branham. Njagala kugaba bitabo bino." Kale tu, ya...

<sup>12</sup> Kye nnategeddeko, yalina obulwadde bwa sukaali kale yazirika, ate nga yali ta...yali tamanyi nti mulwadde wa sukaali. Era—era yali... N'afa. Weewaawo teyafa. Naye yagenda kubeera ne Mukama waffe Yesu.

<sup>13</sup> Era yali waaluganda omwesigwa, era omulungi ennyo, nga bulijo afaayo eri abantu abalala. Era ekyamusanyusanga

kwe kubaako omuntu gw'afunira ekifo aw'okutuula, nga azze mu kkanisa. Era kati, ob'olyawo, bwe tulisomoka Omusittale, tekiriba kirungi okusangayo Ow'oluganda Taylor, nga y'atufunira ebifo aw'okutuula, erudda eri?

<sup>14</sup> Ndwooza, mu kujjukira Ow'oluganda Taylor... Ssaaliwo kukyogerako n'Ow'oluganda Neville, mu kuziika, naye njagala okubaako ne kye njogera okutuusa okusiima kwange, eri nnamwandum we. Mwannyinaffe Taylor, nzikiriza, alina wano w'atudde enkya ya leero, Mukama awe omukisa omutima gwe omwesimbu!

<sup>15</sup> Ow'oluganda Taylor, lumu yanjamba nti, "Jangu ondabeko. Nninyayo akayanja ke nnasima erudda eyo, ne nteekamu ku byennyanya, kale osobola okujjayo n'ovuba." Lubeerera yali afaya ku muntu omulala. Era naye waliwo Omuntu eyali amufaako, nga oyo ye Kristo, eyamuwa obulokozi.

<sup>16</sup> Ndwooza, mu kumujjukira, nate era, ku lw'ekkanisa eno, nga bwe tukujjanyaawamu fenna nga omubiri enkya ya leero, leka tuyimirire fenna awamu, tukoteke emitwe gyaffe mu maaso ga Katonda.

<sup>17</sup> Kitaffe ow'omu Ggulu, ffe nga abantu enkya ya leero, wamu ne—n'abo abajja mu sinzizo lino... Omukono Gwo ogw'amaanyi gutambudde ne guyita mu makkati gaffe ne gutuggyako omu ku b'oluganda abaagalwa gwe twagala, era gwe tumanyi nti Naawe obadde omwagala. Era nga Walina ensonga bino byonna okubaawo, ayi Mukama, nga singa si bwe kyali tekyandibaddewo bwe kityo, nga tumanyi nti Bayibuli yaffe etugamba, nti, "Ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Katonda." Era nga yali amwagala.

<sup>18</sup> Era twetoolooza amaaso, mu nsi, ne tukizuula nti mu buli ngeri obutonde bwogera gye tuli, nga bututegéeza nti amagombe tegayinza kumulemera, kubanga ku nsi yatuukiriza ekigendererwa kye Wamutuma okujja wano okukola. Yali waaluganda mulungi, era omwesigwa.

<sup>19</sup> Tukizuula nti mu bulamu bw'ebimera, ne mu bulamu bw'enjuba evaayo buli ku makya okutuwa ekitangaala. Bw'etuuka mu ttuntu n'eba nga etuuse mu myaka gyayo eg'yobuvubuka. Ate akawungeezi n'eddamu n'efa, ate n'evaayo nate enkeera, nga mpya era ejjudde amaanyi, kubanga yatuukirizza ekigendererwa kya Katonda.

<sup>20</sup> Tulaba ebimuli engeri gye bitojjera ne bitonaatona ensi ne bikozesebwa mu kutimba ebifo omukolerwa emikolo gy'okuziika, wamu n'ebifo omukolerwa embaga, nga bituukiriza ekigendererwa kyabyo; nga byanjuluza omutima gwabyo, ne biwaayo kyonna kye birina, buwa, ne biwa omubisi eri enjuki, akaloosa eri omuyise, n'obulungi eri oyo anoonya. Ne kiwaayo byonna bye kirina, olw'okuweereza Katonda, oluvannyuma ne kikoteka omutwe gwakyo. Naye ate ekiseera bwe kituuka

eky'enkuba eya ddumbi, ne kiddamu ne kisituka, kubanga kyatuukiriza ekigendererwa kya Katonda.

<sup>21</sup> Na bwe kityo nga tusinziira ku bujulizi bw'obutonde bwonna, ne Bayibuli, n'ekisuubizo, awamu n'Omwoyo Omutukuvu, tusobola okujaguza n'essanyu mu mitima gyaffe, okukimanya nti ne Muganda waffe Taylor, mu ngeri y'emu, ayi Mukama, yatuukiriza ekigendererwa kya Katonda. Era bwe tugamba nti talizuukira tuba twegaanye Bayibuli yaffe, ne Katonda waffe, n'ebintu byonna Katonda bye yatuwa okulabirako, okutegeera nti waliwo okuzuukira. Kale twesunga ekiseera lwe tuliddamu okumulaba nate, nga muto era nga alabika bulungi nga takyaddamu kulwala yadde okukaddiwa.

<sup>22</sup> Tukusaba owe omukisa mukyala we omwagalwa, oyo omubeezi we omwagalwa. Nga tugenda kubasubwa, nnyo, ayi Mukama, okubalaba nga batambula wamu bagenda ku kidiba, ne batuula ku butebe wabweru awo, ne bavuba, nga bwe banyumyamu, nga babadde baagalana nnyo.

<sup>23</sup> Naye kati tumanyi nga waliyo Olunaku olukulu olujja, abazira ab'okukkiriza lwe balikumba nga bayita mu mulyango omunene ogw'obuwanguzi, Bamalayika ba...we balijuza obwengula n'ennyimba. Tuliddamu ne tubalaba mu kifo ekyo.

<sup>24</sup> Okutuusa lwe tulituuka mu kiseera ekyo, ayi Mukama, tuwe obuvumu. Tuwe omukisa era otuyambe. Tugenda kusubwa nnyo Ow'oluganda Taylor, na buli muntu ajja mu kkanisa eno, engeri gy'abaddenga ayimirira ku luggi n'alinda okufunira ekifo oyo aba azze asobole okuwulira Ekigambo kya Katonda, atuule ntende era akkalire.

<sup>25</sup> Luli bwe yasomoka, ayi Mukama, nnasaba nti leka Malayika wa Katonda oyo omukulu ayimirire awo ku luggi, ayi Mukama, naye amufunire ekifo, w'asobola okutuula. Kubanga kyawandiikibwa mu Bayibuli nti, "Ab'ekisa balikwatirwa ekisa." Okutuusa lwe tulimulaba, ayi Mukama, leka tumujjukirenga n'essanyu mu mitima gyaffe, okutuusa lumu lwe tuliddamu ne tuisinkana mu Nsi endala. Tukisabye okuyita mu Linnya lyा Yesu Kristo. Amiina.

<sup>26</sup> Tujja kumusubwa nnyo mu makkati gaffe wamu n'abagenyi abajja mu makkatti gaffe, n'abalala, abajja mu kkanisa yaffe, manyanga mu kizimbe kyaffe wano, okusinza. Emmeeme ye ewummule mirembe mu maaso ga Katonda, okutuusa ku Lunaku luli.

<sup>27</sup> Olunaku lumu, naffe, buli omu ku ffe tuligenda, omu ku omu, okutuusa fenna lwe tuliggwerayo bwe tutyo. Leka kaakano, nga bwe tukyalina obudde, era nga tukyasobola, leka twetegekere ekiseera ekyo ekigenda okujja; kubanga tetumanyi ddi lwe kiribaawo. Tetumanyi ani anaddako. Leka tutambulire mu bulamu, kibeere nti buli lunaku olukya, singa ekiseera ekyo kituuka, nga ffe ab'okugenda, tusangibwe nga tweteseteese.

<sup>28</sup> Kati, njagala okubaako ebirango bye nnanga. Kati, mu kiseera ekitali kya wala, kyandiba, oba oli awo, ssinnaba kwogeramu na bayima ba kkanisa kasookedde nkonomawo, ku bikwata ku by'okuzimba e—ekkanisa wano, oba okwogera ku kye tulina okuzzaako, okusobola okufuna ekkanisa yaffe tusobole okuba n'enkuŋŋaana zaffe. Kitegeeza ḥŋenda kugenda mu maaso, munsonyiweko, ne—n'Obubonero Omusanvu, oluvannyuma nkuate ku Bibya Omusanvu, wamu n'ebantu ebirala bingi bye tulina okuba nga tuyigako, amangu ddala.

<sup>29</sup> Kati, Ssande ejja ku makya, eyo, nja kubeera mu Elizabethtown, mu Kentucky, wamu n' Ow'oluganda L. G. Hoover, mu lukunŋaana olw'okuwongayo. Era kujja kuba kuwongayo ekkunŋaaniro eriggya, manya ekkunŋaaniro lye baagula erisangibwa mu Elizabethtown, Kentucky. Okwata luguudo lwa 62 okutuusa lw'otuuka mu Elizabethtown, manyanga okwata, mbadde ntegeeza, lwa 31, oba osobola okukwata oluguudo lw'okusasulira. N'okwata ekkubo eryo erivaako, ne likutwala okutuuka mu Elizabethtown. Lugendo lwa ssaawa nga emu. Waliwo mayiro nga asatu mu ttaano, oba ana okutuukayo. Ndowooza, ziri mayiro nga amakumi ana, bw'oyita...ku lwa 31, ate mayiro nga asatu mu ttaano, oba bwe watyo, bw'oyita mu kkubo liri eddala, lye basasulira. Kiri ku Luguudo oluyitibwa Mulberry.

<sup>30</sup> Lujja kuba lukunŋaana lwa kuwongayo. Ow'oluganda Hoover ajja kubuulira olukunŋaana lwa Ssande olwa bulijjo ku ssaawa nnya. Ate nze mbuulire olukunŋaana olw'okuwongayo, okuva ku ssaawa ttaano okutuuka ku mukaaga, ku Ssande eno ejja, nga kkumi na lumu Novemba.

<sup>31</sup> Musobola okufuna ebisingawo ku lubaawo awalangirwa ebirango wabweru wali, we wali—we wali ebisingawo. Era lujja kuba...Endagiriro mujja kugiggya awo. Ekkanisa esangibwa ku Luguudo lwe bayita Mulberry. Oba ba—baataddeko endagiriro ku...Eri ku lubaawo awalangirwa ebirango wabweru awo mu maaso g'ekkanisa.

<sup>32</sup> Ate, nga—nga abiri mu bbiri o—omwezi gwa Novemba, nja kubeera mu Shreveport, Louisiana, okuva nga abiri mu bbiri, abiri mu ssatu, abiri mu nnya, abiri mu ttaano, ne—n'abiri mu omukaaga. Ndowooza, ziri ennaku ttaano, mu Shreveport, Louisiana, mu kkanisa ya Life Tabernacle. Wamu n' Ow'oluganda Moore. Bajja kuba bajaguza jjubireewo ey'emyaka amakumi ataano. Omukisa gwa pentekoote gwakka mu Shreveport, Louisiana, emyaka makumi ataano egiyise, nga abiri mu bbiri omwezi guno. Emyaka amakumi ataano egiyise, obubaka bwa pentekoote obwasooka lwe bwabuulirwa. Era, Omwoyo Omutukuvu n'akka, mu Louisiana. Era babeera n'enkuŋŋaana ez'okujukira ekiseera ekyo, nga ku mulundi guno eno jjubireewo ya myaka amakumi ataano. Kale nja kuba mbuulira mu jjubireewo eno, okumala ebiro bitaano, wamu

n'Ow'oluganda Moore, mu Shreveport, mu kkanisa ya Life Tabernacle.

<sup>33</sup> Kale bw'obaayo ne mikwano gyo erudda eyo n'okwetoloola awo wonna, bw'oba wandyagadde okubawandiikira okubaaniriza, oba ekintu bwe kityo, tunaasanyuka okuba nabo. Kale osobola okubategeeza ku nkunjaana ezo ezigenda okubaawo.

<sup>34</sup> Era ekkanisa ya Life Tabernacle, bwe wabaawo omuntu yenna eyali abaddeyo wamu n'Ow'oluganda Moore, musaja mulungi nnyo. Era waliyo abantu abalungi ennyo ddala, abantu abo ab'edda ab'omu Maserengeta. Toyinza kubasinga. Kale n'olwekyo, ekkanisa ya Life Tabernacle, osobola okubaako omuntu yenna ow'omu Shreveport gw'obuuza asobola okukulagirira wa weeri. Shreveport kirimu abantu nga emitwalo abiri. Era kibuga kirungi nnyo, era kirimu ebifo eby'okusulamu ebiwerera ddala. Kale . . .

<sup>35</sup> N'ekizimbe ky'ekkujaaniro kinene bulungi, kizimbe kinene nnyo. Kirina emyaliiro egya waggulu, n'ebisasi, n'emyaliiro egya wansi egisookerwako, n'omwaliiro omulala wansi. Kale waliwo ekifo ekigazi obulungi. Ate kiri mu maaso ga kizimbe ky'ekibuga omukolebwa ebintu eby'enjawulo ekituuza abantu enkumi ttaano. Kiri—kiringa bw'oyinza okusala wano oluguudo, okutuuka ku kizimbe ky'ekibuga ekyo ekikolerwamu emikolo egitali gimu.

<sup>36</sup> Kale Levirandi Jack T. Moore, manya—manyanya eyo y'ekkanisa ya Life Tabernacle e Shreveport, mu Louisiana. Kale ziritandika nga abiri mu bbiri. Luliba Lwakusa- . . . Lwakuna okutuusa ku Ssande. Lwakuna, Lwakutaano, Lwamukaaga, Ssande, ziri nnaku nnya so si ttaano. Munsonyiweko. Z'ennaku z'omwezi abiri mu bbiri, abiri mu ssatu, abiri mu nnya, n'abiri mu ettaano. Ndowooza bwe kityo bwe kiri, omwezi gwa—gwa Novemba.

<sup>37</sup> Bwe ziriba ziwedde, tujja kumanya, kye tunaaba tukoze ku kkanisa eno wano, tutegeere wa ekkanisa w'etuuse mu kufuna ekizimbe kyayo. Ba kontulakita abaaweebwaa omulimu batugamba bakyasobola okuteekako abasajja abamala, ne kiba nti mu nnaku nga kkumi baba bamalirizza ne tusobola okuiyingira, mukiraba, mangu ddala. Naye bakyalinze bakulira kibuga kussaako mukono. Ate nga bwe mumanyi, tulina okuba n'ekifo ekigazi aw'okusimba emmotoka, n'ebirala *bino*. Kale, ha, bannange, emisosso mingi nnyo gy'olina okuyitamu, okutandika okuzimba. Naye nnandyagadde nkomewo mu kkanisa nga sinnaddayo mu buweereza bw'ebweru.

<sup>38</sup> Kati bampita okugenda e Tanganyika, Uganda, n'amawanga agali awo. Joseph yateeseteese enkunjaana ezo nga zaakutandika mu mwezi gwa Febwali.

<sup>39</sup> Ate olunaku olwa jjo, bwe nnakomyewo, waabaddewo ab'oluganda, abaabadde ne Mwannyinaffe Thomas, okuva emitala w'amayanja, abaabadde bazze. Era baabadde... Nnasanzé akapapula ku luggi lw'ewange, manyanga—ebbaluwa empita okuva mu—mu kibiina ekimu emmanga eri mu South Afirika. Kale ngezaako okubawandiikira, tulabe kiki ekiyinza okukolebwa. Osanga, bwe nnaagenda erudda eri, nnaasobola okuyitirako ne mu South Afirika, oba oli awo, mu mwezi gwa Febwali nga guggwaako oba ogwa Maaci, awo bwe watyo.

<sup>40</sup> Kale tusuubira okuba nga ekkanisa tugimalirizza, nsobole okuyigiriza ku Mirembe gy'Ekkanisa gino, nga—ekiseera ky'obutiti tekinnatandika, bwe kinaaba kisobose. Bwe nnaaba sikikoze, oba ndikikola bwe ndiba nkomyewo okuva eyo, Mukama waffe Yesu bw'aliba tannajja.

<sup>41</sup> Eggulo nnabadde mpuliriza bwe nnabadde nga nkhwata, nzikiriza kyaliwo kwosa ggulo, bwe nnali nkhwata olutambi. Ndowooza nnaluwlulidde luzannyibwa wano enkyo ya leero. Waliwo ow'oluganda omu ava mu Maserengeta eyalina... Maama we yali azze mu lukunjaaana. Yalina ekizimba ku bbeere, era nga aliko ekisiikirize ky'okufa. Era Omwoyo Omutukuvu, mu lumu ku nkunjaaana ezaakaggwa, ezaali mu Southern Pines, ndowooza gye kyali, oba awantu awamu, yamubuulira, ebikwata ku kizimba kye yalina, n'amannya ge, ne gy'ava. Era n'amugamba nga bw'alina omuvubuka eyali yagwa n'ava mu kukkiriza, nti yali agenda kugwa ku kabenne, era bamuvunaane ogw'okutta omuntu. N'ebintu ebirala bingi bwe bityo. Era omuvubuka ono...

<sup>42</sup> Byonna byatuukirira nga bwe byamutegeeezbwa. N'ekizimba kye ekya kookolo, oba ekizimba kye yalina, manya, ne kimuvaako. Weewaawo, mukimanyi nti, ekizimba bwe kityo aba kookolo. Kale kya—kyamuvaako. N'omuvubuka n'avunaanibwa ogw'okutta omuntu, buli kimu ne kibaawo mu ngeri yennyini ddala nga Omwoyo Omutukuvu bwe yabyogera. Era n'akulemberwa okudda eri Kristo, nate. Bw'atyo n'abikwata ku lutambi, era nna—nnaluwlulirizza nga luzannya. Mwanyumiddwa emboozi y'omusaja oyo, ava mu Maserengeta? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bwe yagambye nti, "Emmanga eno mu Bukiakkono bwa Carolina," nga anyumya. Bannange, ekyo nkyagalaa nnyo, njagala nnyo abantu abo ab'omu Maserengeta. Era yalina... Ddala Mukama yamuwa omukisa. Yagambye nti, "Mmanyi ogamba tobuulira njigiriza, Ow'oluganda Branham; okuggyako eri ekibiina kyo kyokka." N'agamba nti, "Naye naffe tuli kitundu ku kibiina kyo." Kale ekyo kyabaddle kirungi nnyo, ye okukyogera.

<sup>43</sup> Naye kati ekifaananyi kiikyo, ndowooza, oba oli awo, kyatimbiddwa ku lubaawo awalangirwa ebirango enkyo ya leero. Bwe kiba tekiriiko, Billy ajja ku kiteekako. Emirundi mingi kizze kyogerwa, ne bwe nnali nnaakatandika okwogera,

barñjamba mbu, "Ekyo okiteebereza buteebereza, Ow'oluganda Branham, nti olaba Ekitangaala ekyo, Ekitangaala ekyo." Oba oli awo wandiba nga, tewali . . .

<sup>44</sup> Wandiba nga waliwo abakyaliwo, abamu ku abo ab'edda abajjukira ekyaliwo mu kiseera ekyo, ekifaananyi ky'Ekitangaala ekyo bwe kyali tekinakubibwa. Waliwo omuntu yenna ali wano ajjukira okumpulira nga nkyogera ekyo, edda ennyo? Mulabeeyo. Waliwo emikono ena oba etaano. Mwannyinaffe Spencer wano eno, n'Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Slaughter, ne—n'ow'oluganda ono ali *wano*, n'ow'oluganda oli *wali*. Waliwo abantu nga bataano oba mukaaga ku abo abaaliwo ab'edda.

<sup>45</sup> Naye, kati, kyaddaaki, eriiso lya kamera lyakwata ekifaananyi ekyo. Ne kitwalibwa mu Washington, DC ne kyekebejjebwa, ne kikomawo nga bagamba nti, "Si kifaananyi ekigombaganye ne kinnaakyo oba ekintu ekirala kyonna." N'agamba nti, "Kyali Kitangaala kye kyakuba mu liiso lya kamera." Oyo ye George J. Lacy. N'assaako n'omukono gwe. Mukiraba?

<sup>46</sup> Kale, kati, emirundi mingi mumpulira, bwe ntunula mu kibiina nga nnjamba nti, "Omuntu *ono* aliko ekisiikirize eky'ekizikiza. Aliko ekisiikirize ky'okufa." Ekyo bameka abaali bampulidde nga nkyogera? Emirundi mingi, mukiraba, emirundi mingi. Kati nno, ku mulundi guno kamera yakikwata. Era kiikino wano tukirina.

<sup>47</sup> Waliwo omukyala eyajja eri mwannyinaffe n'amugamba nti, mu lukunjanaa olwali mu—mu Carolina, gye twalina olukunjanaa olulungi ennyo ddala mu Southern Pines. Era nga tuli eyo, omukyala oyo yalina kookolo ku mabeere gombi nga amutta. Nga abasawo baamuwaayo afe. Omukyala n'asituka n'amukuba ekifaananyi, bwe nnamugamba erinnya lye, ne gye yali ava. Ne mmugamba nti, "Weetooloddwa ekisiikirize eky'ekizikiza. Oliko ekisiikirize ky'okufa." Omukyala n'akikuba ekifaananyi. Era kiikyo awo ku liiso lya kkamera, eyakwata ekisiikirize eky'okufa.

<sup>48</sup> Bwe wabaawo omu ku mmwe eyali alabye firimu y'Amateeka *Ekkumi*, n'alaba malayika ow'okufa, bwe yayitanga, nga ekisiikirize, ekikutte ekizikiza era eky'entiisa, ne ku kifaananyi kino bwe kiri. Era ndowooza nga kati kitimbiddwa ku lubaawo we balangira ebirango. Bwe kiba tekiriwo, Billy bw'aba ampulira, mumugambe, akiteeke ku lubaawo awalangirwa ebirango. Era kuliko ekiriko akasaale akasonze ku muntu oyo. Era omuntu oyo, omukazi oyo ekisiikirize kyamuvaako, era n'awonyezebwa mu ngeri ey'ekyamagero. Naye waliwo ekintu ekyefaananyiriza ekikookolo, omukka omukwafu nga gwetooloodde gukoze engeri y'ekikookolo okwetooloola omukyala oyo, nga kirenejjeria

ku kookolo oyo bwe kityo, nga kiva awo. Weewaawo, era, ekyo ky'ekisiikirize okufa mwe kuyita, nga kiva ku kookolo.

<sup>49</sup> Kale, ne bw'ogezaako otya okubuulira abantu Amazima, era wajja kubaawo aija okugabuusabuusa nti si ge Mazima. Naye kati bulijo bw'oyogera Amazima, obeera mukakafu nti oli—oli mutuufu.

<sup>50</sup> Nnina mukwano gwange—omulunzi, erudda eri mu Bugwanjuba. Era—abalabirira obutonde bw'ensi baawaayo ddoola enkumi nnya okufuna akamotoka akatambulira ku muzira, okusobola okubala eggana ly'empeewo ezaasigalawo mu kiwonvu ekiyitibwa Troublesome Valley. Mw. Jeverez eyatuulanga wano mu kkanisa, gwe nnakulembera okumuleeta eri Kristo, eyali omukaafiiri awedde emirimu. Era mwali mumpulidde nga nnyumya emboozi yaffe nga bwe twavuganga ffembi embalaasi. Era yali takkiririza mu kintu kirala kyonna okuggyako ennono za Darwin. “N'ebi’Omwana oyo eyazaalibwa embeerera, bya butaliimu.” Era jjuuzi twasiisira mu kifo ekyo kyennyni we yakkiririza Kristo.

<sup>51</sup> Kati omusajja ono yabagamba. Yabagamba nti, “Naye kati, temwetaaga kugula kamotoka aka, akatambulira ku muzira.” N’abagamba nti, “Nze ka mbabuulire omuwendo gw'empeewo eziriyo.” N’agamba nti, “Ziri kkumi na mwenda.” N’agamba nti, “Zaali abiri mu... Zaali abiri mu emu, ne nzitako bbiri.” Ate nga ayogera na mukuumi wa bisolo. Tokkirizibwa kuttako wadde n’emu bw’eti. N’agamba nti, “Zaali abiri mu emu, ne nzitako bbiri. Kitegeeza wasigalawo kkumi na mwenda.”

Omukuumi n’amugamba nti, “Weewaawo, Jeff, mmanyi wattako bbiri.”

N’agamba nti, “Nnazitta.”

<sup>52</sup> Bwe batyo, ne balinnya akamotoka kali akatambulira ku muzira, ne bagendayo, ne basanga nga waliyo empeewo kkumi na mwenda. Kye yava aqnjamba nti, “Billy, omuntu ne bw’omugamba amazima; era tajja kugakkiriza.”

<sup>53</sup> Era ekyo ddala bwe kiri. Oyinza okubuulira abantu Amazima, ate ne ba... Wabaddewo obutategeera bulungi bintu kungi nnyo ne—n’obulimba bungi okutuusa nti abantu tebakayakkiriza nti g’obagamba ge Mazima so nga obagamba Mazima. Mukiraba?

<sup>54</sup> Naye twesiimye nnyo okuba ne Kitaffe ow’omu Ggulu Oyo akakasa Amazima ago n’obukakafu. Kituufu. Kale n’olwekyo luno bwe luba nga lwe lunaku lwange olusembayo ku nsi, e... ka kubeere kunoonyereza kwa ssaayansi ka bubeere obukakafu obulala byonna bikakasizza nti bye mbuuliddenga ku bintu bino ge Mazima. Ekyo ddala kituufu. Ge Mazima. Kale oba oli awo kijja kutimbibwa awalangirwa ebirango. Billy, mw’oli mu kizimbe? Ekifaananyi, okirina mu ngalo zo? Bw’oba okirina,

kale, kireete, okitimbe wano, ob'olyawo banaasobola okukiraba. Naye, simanyi. Ku lubaawo, kwa—kwandibaako ekitangaala.

<sup>55</sup> Kati kiikino—kiikino wano ekifaananyi. Ndowooza temuyinza kukiraba. Naye bw'otunula *wano* osobola okulaba ekisiikirize ekyo eky'okufa nga kiri ku mutwe gw'omukazi. Ate kuno *wano* eno kwe kunnyonnyola okukwata ku kifaananyi ekyo, omukyala kye yakuba ekifaananyi, okukakasa oba nga ddala kyalabika. Era kiikyo awo, ki—kirabika. Kikookolo kya kisiikirize eky'okufa.

<sup>56</sup> Omukazi, omulaba wano eno? Ndowooza, Ow'oluganda Neville, wali okirabyeko, si bwe kiri? [Ow'oluganda Neville addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Uh-huh.

<sup>57</sup> Kale, Billy ajja kukiteeka awalangirwa ebirango, bw'oba osobola, Billy. Jangu, okinone, okitwale mu maaso okitimbe ku lubaawo awalangirwa ebirango, buli omu asobole okukiraba nga afulumma. Billy oba Doc, omu ku mmwe asobola okukikola. Kati nnabadde ndowooza, nti oba oli awo, munaasobola okukiraba obulungi, naye waliwo enzikiza nnyingi nnyo ku kifaananyi eky'engeri eyo. Naye ajja kukitimba wabweru, musobole okukiraba, bwe munaaba mufuluma.

Kaakati, mujukire ebirango byonna.

<sup>58</sup> Kale kati, enkya ya leero, nnalowoozezzaamu nti ob'olyawo tunaabaako ekintu ekitonotono kye twogerako eky'okuzzaamu ekkanisa amaanyi, ekintu ekinaayongera okubawa....

<sup>59</sup> [Ow'oluganda Doc Branham abuuza nti, "Awo ogenda kukozaawo?"—Omuk.] Ogambye ki? ["Ogenda kulukoza?"—Weewaawo, Doc, bw'oba osobola. Lwandibaako ne we tuyamba.

<sup>60</sup> Nnandyagadde okulukozesa. Nnabadde ne... Abamu ku bo tebaasobola kulaba byatekebwako, wiiki ewedde, kale twalowoozezza nti oba oli awo kinaabakola bulungi okubiteekako olwa leero. Nnabadde njagala kubyogerako, kubanga bikwata ku—ku kirooto mwannyinaffe omu kye yaloota.

<sup>61</sup> Ssimanyi oba nga Mwannyinaffe Shepherd mwali mu kkanisa enkya ya leero. Nnamusisinkana ekiro kya luli. Era gwe mulundi gwange ogwasooka okumulaba, eky'amazima, n'okumumanya nnali ssimumanyi. Waali? Alabika taliwi. Weewaawo waali. Ofaayo, kinaakuyisa bubi, singa njuliza ku kirooto ekyo, Mwannyinaffe Shepherd? Tekirina buzibu, si bwe kiri? Kale. Ekyo kirungi.

Kati ekyo nga tetunnakiyingiramu, leka nate tuddemu tukotekete emitwe gyaffe.

<sup>62</sup> Kitaffe ow'omu Ggulu ow'ekisa, tukutendereza olw'obulungi Bwo bwonna n'okusaasira. Era kaakano, tukusaba otebenkeze ebirowoozo byaffe, ayi Mukama, tusobole okuyiga Ekigambo kya Katonda omulamu, nga bwe Kijja gye tul

okuyita mu kwolesebwa ne kikakasibwa Omwoyo Omutukuvu era ne kinywezebwa Bayibuli. Na bwe kityo tukusaba Otuwe okutegeera, tusobole okumanya eky'okukola mu nnaku zino ez'oluvannyuma nga bwe tulaba amaanyi amabi nga gatutaayiza erudda n'erudda mu kaseera kano. Olutalo, olutalo olusembayo lunaatera okulwanibwa. Tuyambe, ayi Mukama. Nga abalwanyi bennyini, ab'amaanyi, tusaba tukuumire waggulu engabo y'Okukkiriza, wamu n'Ewigambo kya Katonda, Ekitala, tugende mu maaso okutabaala. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

<sup>63</sup> Kaakati, nga bwe tulowooza ku kugenda mu maaso okutabaala, nga tugenda mu—mu lutalo olubindabinda, olunaatera okutandika, o—olutalo lwennyini, okulwana olutalo ol'okukkiriza.

<sup>64</sup> Mwannyinaffe Shepherd ono wano, n'Ow'oluganda Shepherd, mikwano gyaffe abaagalwa ennyo, era abasabira mu kkunjaaniro lino. Era baana ba Katonda ab'omuwendo. Kati—kati Mwannyinaffe Shepherd ono, bwe nnabaddde ntwala amabaluwu agampandiikirwa, waliwo agamu Billy g'asobola okwanukula, singa oli agamba nti, "Nsindikirayo obugoye obw'ab'okusabirwa." Mbusabira busabizi. Ye n'ayanukula abeera abusabye. Naye bw'eba bbaluwa empandiikkidwa nga nze, mba nnina okugyanukula nze kennyini, mukiraba. Kati nnabaddde ntwala ebbaluwa ezampandiikirwa, nga jjenda nazo eka. Era nnabaddde nsoma emu ku zo, nga egamba nti, "Okuva eri Mwannyinaffe Shepherd." Era kyabadde kirooto kye yali yaloota, e—emyezi mitono egyayita. Naye yalemwa okutegeera amakulu gaakyo okutuusa Ssande nga bbiri oba ssatu eziyise, bwe nnayigiriza ku ky'okuyigako kino eky—eky'Emirembe Omusanvu egypt/Ekkanisa ne—ne ku—bibala omusanvu, Peetero Eky'okubiri, bwe kigamba, mu Peetero Eky'okubiri 1, "Okwongera ku kukkiriza kwaffe." Mukiraba?

<sup>65</sup> Ekisooka, nga gwe musingi, kwe Kukkiriza. Eky'okubiri, ku kukkiriza kwo yongerako, amaanyi; ku maanyi go, okumanya; ku kumanya, oyongerako okwefuga; ku kwefuga, oyongerako okugumiikiriza; ku kugumiikiriza, oyongerako okutya Katonda; okuva ku kutya Katonda, oyongerako okwagala ab'oluganda, okuba n'ekisa eri ab'oluganda; oluvannyuma oyongerako okwagala, nga ly'ejjinja ery'oku ntikko. Ebintu musanvu. Emirembe omusanvu egypt/ekkanisa, mukiraba, n'emmunyeenye omusanvu ez'emirembe gy'ekkanisa, era byonna bigattibwa wamu n'Omwoyo Omutukuvu.

<sup>66</sup> Kati, ebyo bye byetaagisa okusobola okufuuka omuweereza wa Kristo. Kristo azimba Ekkanisa Ye mu mirembe musanvu egypt/ekkanisa; Omugole We, Omuntu, omukazi, Ekkanisa. Emirembe omusanvu egypt/ekkanisa gyonna awamu gye gikola Omugole. Abamu nga bava mu mulembe *guno*, abalala mu mulembe *guli*, n'abalala mu mulembe *guli*, bona ne bakunjaanyizibwa wamu, era nga bazimbiddwa nga piramiidi.

<sup>67</sup> Nga Enoka, gwe tukkiriza, okuba nti y'eyazimba piramiidi. Naye ejjinja eritikkira teryassibwako waggulu ku ntikko yaazo, kubanga ejjinja ery'oku mutwe lyagaanibwa. Era tukitwala nti, si nga Enjigiriza, naye okusobola okutegeera, olw'ekkanisa eno wano. Nti zino . . .

<sup>68</sup> Katonda alaga okutuukirira Kwe mu busatu. Atuukiririra mu "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu," woofiisi ssatu eza Katonda omu. Atuukiririra mu "kuggyibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu," nga aleeta emirimu gy'ekisa, egituukiridde. Atuukiririra mu kujja kwa mirundi esatu: omulundi ogwasooka, okununula Omugole We; omulundi ogw'okubiri, okutwala Omugole We; n'omulundi ogw'okusatu, mu kufuga okw'Emyaka olukumi n'Omugole We. Era buli kimu kyonna kituukirira mu busatu. Ate musanvu gwe muwendo gwa Katonda ogw'okusinza. Katonda asinzibwa mu musanvu, okumaliriza, kati okutuukirizibwa n'okumalirizibwa.

<sup>69</sup> Era ekyewuunyisa kyali nti, kino sigenderera kukigatta ku bino, naye njagala kubalaga bulazi, ennangaazi gye nnasembayo okufuna yalina obusongezo butaano ku ludda olumu n'obulala busatu ku ludda olulala; mukiraba, ekisa n'okutuukirira.

<sup>70</sup> Kati mu kino mwetegereze, nti Kristo. Katonda yawandiika Bayibuli ssatu. Bayibuli eyasooka yali mu bwengula, eyitibwa zodiyaka. Kati, bw'oba tomanyi Kitabo kya Yobu, gwe gyerabire, kubanga, Yobu y'aginnyonnyola, n'atutegeeza nga bwe yatunula waggulu n'atuma ebintu ebyo ebiri mu bwengula amannya.

<sup>71</sup> Kati mulabeeyo, mu zodiyaka, kiki ky'etandika nakyo? Ekintu ekisooka mu zodiyaka y'embeerera. Ekintu ekisembayo mu zodiyaka ye Leo empologoma. Okujja kwa Kristo okwasooka, okuyita mu mbeerera. Okujja okw'okubiri, Leo empologoma, Empologoma y'ekika kya Yuda.

<sup>72</sup> Ne Enoka n'amaliriza mu kiseera kye, manyanga mu biro ebyo, okuzimba piramiidi. Era kyandi . . . Lwakuba, tetulina budde bumala kuddayo mabega kugiteerawo musingi kulaga ngeri piramiidi eyo gye yazimbibwamu okuyita mu bisenge eby'enjawulo ebigirimu n'ebirala. Eyogera ne ku biseera eby'enkomerero mwe tuli kaakano. Kati bali mu kisenge kya kabaka, okusinziira ku bipimo. Naye piramiidi eyo teyateekewaako jjinja littikkira. Era yazimbibwa nga yeekutte wamu, mu nkuba ya pulaani, manyanga mu—mu nzimba ey'amayinja. Okutuusa nti, ne . . . ka kabeere akagirita ak'omubiri omutini ennyo . . . Tebamanyi ngeri gye yazimbibwa, tebagitegeera, okubeera nti ka kabeere akagirita tekayinza kuyita wakati w'amayinja ago awandibadde omusenyu. Ate nga tewali musenyu. Naye nga gaggattiddwa wamu, buli limu ku linnaalyo.

<sup>73</sup> Kati bwe kityo bwe kiba Kristo n'Ekkanisa bwe bafuuka omu. Wakati awo tewabaawo musenyu gwonna. Tewali kintu kyonna kiri wakati awo; wabula Katonda n'omuntu. Katonda, Kristo, n'omuntu.

<sup>74</sup> Kaakati, naye, ejinja eritikkira, tebalizuuulanga. Mumanyi Ejinja ly'e Scone lye balina mu Bungereza, kwe batongoleza bakabaka, manya o—okubatikkira, n'ebirala. Naye ejinja ery'oku ntikko . . .

<sup>75</sup> Tunuulira akapapula ka doola y'Amerika. Ojja kulaba oba . . . ku kapapula ka ddoola y'Amerika, ku ludda olumu, olwa kkono, kuliko akabonero k'envumbo y'Amerika, empungu nga erina . . . amafumu mu mukono gwayo, ate ku ludda olw'okubiri, kano bakayita akabonero "ka Amerika." Naye ku ludda olulala kuliko piramiidi ate, waggulu waayo, waliwo eriiso eddene, era wansi waalyo ne wabaawo ebigambo ebigamba nti, "Akabonero akakulu." Nga lwaki eyitibwa "Akabonero akakulu" mu ggwanga lino, ne batuuka n'okugiteeka waggulu w'akabonero k'eggwanga lyaffe? Mukiraba?

<sup>76</sup> Ne bw'okola ki, era Katonda abaako n'engeri gy'akireetera okwogera. Mukiraba? Aleetera omwonoonyi okukyogerako. Aleetera eggwanga okugyogerako. Buli kintu kirina okumwogerako. Oba o—oyagala okukikkiriza oba nedda, Kisigala weekiri.

<sup>77</sup> Kati, labayo, munda omwo mulimu eriiso, eriiso lya Katonda. Era olw'okuba ekitikkira tekyaliko, Akabonero Ak'oku ntikko, kubanga Kaagaanibwa, nga ye Mwana wa Katonda; Ejinja ery'oku nsonda ery'ekizimbe, Akabonero Ak'oku ntikko aka piramiidi, na bino byonna. Kati—kati, ndi . . . Ssaagala ku . . .

<sup>78</sup> Oluusi bagenda nebakwata amaloboozi g'ebintu bino bye njogera, nebituuka mu b'oluganda mu makanisa, mu makanisa amalala. Era bwe bibatuukako, oluusi ab'oluganda ne bafuna ekifaananyi ekikyamu, nti njogera bubi ku b'oluganda. Naye si bwe kiri. Si . . . Singa musobola okuwuliriza ne mutegeera bye njogera, mukiraba, sirina waaluganda yenna gwe njogerako bubi. Kubanga, ekyo tekisaanidde eri ab'oluganda, buli omu okwogera obubi ku munne. Tulina kwogera bulungi ku bannaffe, so si kuboogerako bubi.

<sup>79</sup> Naye oluusi bwe njogera ku kibiina ekimu, nga Abapulesibeteriyani, oba Abamesodisiti, n'abalala, nga bagamba nti, "Mulaba, akirwanyisa." Ssirwanyisa waaluganda ali mu kibiina ekyo, oba mwannyinaffe akirimu. Naye mba nnwanyisa nkola eyo eyawulamu obwa sseruganda. Abaan ba Katonda ba nnyumba emu, so si—si ba bibinja bya njawulo.

<sup>80</sup> Abamu ku bo ne batuuka n'okugamba mbu, "Nze ebyo tebinkwatako, kubanga bya Bapulesibiteriyani. Ate nze ndi Mumesodisiti." Mukiraba? Kati, tekirina kuba bwe kityo.

Mukiraba? Naye enkola y'ekibiina ekyo y'eggyawo omwoyo ogwo ogw'obwa sseruganda. Mukiraba?

<sup>81</sup> Kati, ekyo, kiringa bwe ntera okugamba nti, singa obeera osaabala omugga mu lyato ekkadde erirabika obubi, nga oyagala kugezaako kulikozesa okusaabala ebiyiriro, naye nga nkimanyi bulungi nti terijja kukola, kati, awo, nja kuba sikuleekaanira buleekanyizi, era nja kuba sikunenya bunenya. Naye nja kuba ngezaako kukujja mu lyato eryo. Okiraba? Kubanga, eryato lye liija okumenyeka, olwo—olwo—olwo ggwe osigale, awo wekka, mu mazzi. Kale—n'olwekyo mba sireekaanira—sireekaanira waaluganda ali mu lyato, naye ndeekaana eri ow'oluganda nga mmulaga ekigenda okubaawo.

<sup>82</sup> N'olwekyo, ebibiina bino byonna, abantu bye bakoze mu kufuba kwabwe biteekwa okumenyeka. Ky'ekyo. Balina okujja... Tulina okutuuka mu bumu, mu bwasseruganda. Ekyo kye kibaddenga ekigendererwa ky'obulamu bwange kwe kugezaako okugatta awamu so si kumenya kibiina, naye okubaleetera okuta endowooza zaabwe, babeere baaluganda eri buli Mukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Mukiraba? Ekyo, kye kigendererwa kyange. Awo we nnyimiridde, kale, kati, ekyo singa ab'oluganda basobola okukiraba. Nze...

<sup>83</sup> Bangi ku baganda baffe, ne mu ffe abakkiriza Enjiri Enzijuvi, tebakkiriza nti Ababaputisiti n'Abamesodisiti, n'Abaluzalaani n'abalala, nti nabo balina akakisa. Naye, kati, bayinza okuba abatuufu. Naye ekyo sikkiriziganya nakyo. Nzirkiriza nti omulembe guno wano, Omulembe gwa Luther, mu mulembe guno *wano* ogwayitibwa, nzirkiriza, gwali mulembe ogwa Saadi. Wamu n'Omulembe gwa Firaderufiya, ogw'Abamesodisiti. N'ogw'Abapentekoote, Omulembe gwa Lawodiikiya. Nzirkiriza nti egoy mirembe eg'y'enjawulo. Era nti Katonda, mu buli gumu ku mirembe egoy, yaggyamu abalonde. Era mu ekyo, nga Abaebbulaniya 11 bwe wagamba, nti, "Bo awatali ffe tebaatuukirizibwa." Mukiraba? Naye kati Ekkanisa ezze evaayo mu mirembe *gino*, nga buli mulundi ya bantu batono, okutuusa lw'Etuuse mu mulembe gw'Abapentekoote.

<sup>84</sup> Kati, kino nkyogera, musobole okutegeera ekirooto kya mwannyinaffe kye yaloota. Era ekirooto kye kifaananira ddala ne bye mbadde njigirizaako.

<sup>85</sup> Kati mulabeeyo wano, kati, ebintu bino byonna Peetero Ekisooka olunyiriri olw'o 6 n'olwo 7 zikugamba, oku-... olw'okukkiriza kwo, ekyo kye kisooka. Kati, ntera okugamba nti abantu bagamba nga bwe balina embala zino nga tebazaalibwanga na mulundi gwa kubiri. Era ndabika nnakozesa enjogera enkalubo ne ijambaa nti, "Ekyo kiringa ekinyonyi ekiddugavu okugezaako okweteekako ebyoya bya nnyonyi muzinge, ne kyefuula nnyonyi muzinge."

Tekisobola kuba nnyonyi muzinge. Wateekwa okubaawo ebyoya eby'obutonde ebimera nga biva munda mu kyo. Ebyoya ebyo birina kuva munda mu kyo.

<sup>86</sup> Era bulijjo, bulijjo babaddenga banvunaana olw'okukambuwalira bannyinaffe, olw'okusalako enviiri, n'okwesiiga eby'okwewunda mu maaso gaabwe, n'ebirala. Bulijjo banvunaana olw'okukambuwalira bannyinaffe. Tekiri—tekiri nti ebintu ebyo mbirinako ensonga yonna. Sigamba nti omukazi akola ebyo taba mukazi mulungi, oba nti aba malaaya oba ekintu nga ekyo. Ekyo si kye ntegeeza. Naye, kye ntegeeza kye kino, nti bwe yeeteekako ebintu ebikolerere bwe bityo ku ngulu, kiraga nti ne munda mu ye ajjuddemu bintu ebikolerere, mukiraba, nga ate asaanye kuba nga ajjuddemu Kristo. Kubanga, ky'oli ku ngulu bulijjo kyoleka ky'oli munda. "Mulibategeerera ku bibala byabwe." Mukiraba? Munda omwo mulina kubaamu Kristo, na kufaayo eri Katonda, na kufaayo ku bintu ebirala mu kifo ky'okufaayo ku bintu ebikolerere amatiribona, era nga bwe mumanyi, n'ebisige by'amaaso ebya kiragala, n'endabika etali ya butonde, n'ebintu ebiringa ebyo. Ssibiwigira n'akatono, era sikkiriza nga ne Bayibuli ebiwigira, n'olwekyo njagala tusigale nga bwe tuli.

<sup>87</sup> Mweckaanye, kati, bw'aba talina njala ku ngalo, n'ayagala okuziteekako; oba bw'aba talina mannyo, nga agaagala; oba nga tolina mukono, nga ogwagala; oba nga tolina nviiri, nga ozaagala; oba nga waliwo ekimu ku bintu bino ky'otalina, ekyo kirala. Naye bw'okuulamu amannyo go amalungi, mbu kubanga tegamasamasa nga bwe galina kuba, ekyo obeera okoze kikyamu. Enviiri zo bwe ziba mmyufu, n'oyagala enzirugavu, n'ogenda n'oziteekamu eddagala erizifuula enzirugavu, kubanga okyagala bwagazi; obeera okoze kikyamu. Weewaawo, nze bwe ntyo bwe ndowooza. Naye ekikulu... Tewali Kyawandiikibwa kyogera ku nsonge eyo. Okuggyako eky'okusalako enviiri, ekkyo kirina Ekyawandiikibwa ekikyogerako, weewaawo, ebyo tulina bingi nnyo, kale kati, ekkyo twagala tukakase nti ekkyo kituufu.

<sup>88</sup> Kati, mwannyinaffe, bwe yaloota, yaloota nti yali... Kati, okusooka, yali atawaanyizibwa. "Kigasa ki okugenda mu maaso, nga tugezaako okulafuubana okuyita mu bulamu, nga Katonda atubanja okufuna Omwoyo Omutukuvu ate nga tetumulina?" Kati, ssriwooza nti...

<sup>89</sup> Kati bino bandiba nga babikwata ku lutambi. Naye bwe baba te... Bwe baba babikwata, kino kigenda eri kkanisa eno yokka. Mukiraba? Kati, singa wanaabaawo ow'oluganda yenna anaawulira kino, n'owulira eddoboozi lyange, ow'oluganda, ku kino, jjukira kino nti, ndi mu kuyigiriza kkanisa yange. Ggwe ky'obanga okola, nga ekibiina kyo tekinnawuliriza, sooka wekkaanye e—entambi, era bw'oba nga toyagala kibiina kyo kuziwuliriza, tobakkiriza kuziwuliriza. Naye ngezaako kwogera eri ekibiina kino ekitono ekiri wano, o—Ow'oluganda Neville

nange, ku bw'Omwoyo Omutukuvu, kye tugezaako o—okusumba n'okuyigiriza.

<sup>90</sup> Kati, waliwo ebimu ku bintu bino bye muyinza obutakkiriziganya nabyo n'akatono. Kale bwe bibaamu, nga bwe ntera okwogera ku kulya enkoko ensiike nti, "Bw'oluma eggumba, leka kusuula nkoko yonna. Suula ggumba lyokka." Kale bulijjo mukolenga bwe mutyo. "Bw'oba obadde olya paayi ey'ensaaali, n'oluma akasigo, paayi togisuula eri yonna. Akasigo k'osuula." Kati naawe kola ekintu kye kimu nga bw'owuliriza Kino.

<sup>91</sup> Kati, nzi—nzikiriza nti—nti e—ensonga lwaki waliwo okutabulwatabulwa kungi nnyo leero, ku Mwoyo Omutukuvu, eri lwakuba tayigiriziddwa mu ngeri ntuu. Nzikiriza nti okubatizibwa kuyigirizibwa...ne bagamba bugambi nti "okubatizibwa."

<sup>92</sup> Naye ekyo kiba nga bw'oynza okugamba nti "emmotoka." Naye kati nnina ba makanika bangi mu kkanisa eno, era ssirina n'ekimu kye mmanyi ku bikwata ku mmotoka. Kale bwe nkola ensobi, ab'oluganda, ndi...Mujjukire nti, ssiri makanika. Wateekwa okubaawo zi koyiro, ne zi pulaaga, ne zi swiici ne zi valuvu, n'ebirala, ebikola emmotoka.

<sup>93</sup> Mu ngeri y'emu bw'oyogera ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, waliwo bingi ebigendera awamu n'Ekyo. Huh? Mukiraba? Waliwo bingi ebigendera awamu n'Ekyo. Kati kiikino kye ndowooza okuba nti Katonda ky'akakasa: akakasa nti Omwoyo Omutukuvu ali wano. Mukiraba?

<sup>94</sup> Kati, Peetero yagamba nti, ekisooka, "Kukkiriza." Kati mukyekkaanye n'obwegendereza. Kino tugenda kukiyigiriza mu ddakiika ntino nnyo ddala. Okukkiriza, kati, kw'otandika nakwo. Ku kukkiriza kwo, oyongerekobulungi; ku bulungi bwo, okutegeera; ku kutegeera kwo, okwefuga; ku kwefuga kwo okugumiikiriza; ku kugumiikiriza kwo, okutya Katonda; ku kutya Katonda kwo, okwagala ab'oluganda, okuba n'ekisa eri ab'oluganda; oluvannyuma oyongerekobulungi. Ate buli muntu yenna akimanyi bulungi nti okwagala ye Katonda. "Katonda kwagalga." Mukiraba?

<sup>95</sup> Kaakati, okuva awo, bwe tuva ku kino, kati ate tukisimbe mu mirembe omusantu eg'yekkanisa. Katonda azze azimbira, Kristo Omugole, okuyita mu mirembe omusantu eg'yekkanisa; okuyita mu mulembe gwa Firaderufiya, n'ogwa Suwatira, n'ogwa Perugamo, n'ogwa Sumuna, n'ogwa Efeeso. Omulembe gw'ekkanisa, Yesu we yagambira nti, "Omugole omusajja bwe—bwe yajja mu kisisimuka ekisooka manya mu kisisimuka eky'omusantu, embeerera zino zonna zaazuukuka." Zonna zaazuukuka. Zaazuukuka, embeerera eza Efeeso, Sumuna, Perugaamo, Suwatira, Saadi, Firaderufiya, ne Lawodiikiya. Ekyo mwali mukyekkaanyizza? Gwali mulembe ogw'omusantu,

mwe Yajjira n'azuukusa embeerera ezo ezaali zeebase. Ekyo kibaggyayo bona bona okuvira ddala emabega eri okutuuka *wano*. Mukiraba? Kubanga, mu kino, okuyita mu myaka egizze gibaawo, mu mirembe eg'yenjawulo, Azze azimba Omugole, azadde Omugole, azaalidde Kristo Omugole ku nsi. Era mu ngeri y'emu gy'Azaddemu Omugole ono, gy'Azaddemu n'abantu ssekinnoomu.

<sup>96</sup> Kaakati nteekawo omusingi guno, musobole okutegeera ekirooto kya mwannyinaffe bwe kinaabategeezebwa.

<sup>97</sup> Kati, ebintu bino mu buli ngeri biteekwa okuba mu Mukristaayo nga Omwoyo Omutukuvu tannamusibako nvumbo, nga kino tekinnakka kutuula ku ntikko kukifuula kintu ekijjuvu.

<sup>98</sup> Kaakati, ka tugende ku kirooto kya mwannyinaffe kati. Yali mweraliikirivu nga tamanyi oba alina Omwoyo Omutukuvu oba tamulina, bwe yagalamira ku ntebe efunyibwa n'efuuka ekitanda omwami we kwe yali atudde nga asoma amawulire. Kati alina abaana abato, nga be nnina, era bulijo babeera baleekaana n'ebirala byonna. Kale kati, mu kino, otulo twamutwala ne yeebaka okumala eddakiika nga kkumi, oba kkumi na ttaano. N'aloota. Naye ekirooto ekyo kyamulema okutegeera, oba okufuna amakulu gaakyo, kyenkana, kati wayiseewo omwaka mulamba, okutuusa Obubaka buno lwe bwayigirizibwa. Era, bwe nnali mbuyigiriza, awo n'alyoka abijukira. Kati yaloota nti yali nga asaba.

<sup>99</sup> Mu kusooka, bwe yali tannaloota, yali atambulatambula awo, nga bw'akunya engalo ze, bwe yeebuuza munda mu ye nti, "Mukama, ddala nnafuna Omwoyo Omutukuvu? Osobola okunkakasa. Abamu bagamba mbu, 'Kubanga nna-nnaleekaana.' Ate abamu ne bagamba mbu, 'Kubanga nnayogera mu nnimi.' Ate ebyo byonna tubikkiririzaamu. Naye ddala mmulina?"

<sup>100</sup> Nzikiririza mu bintu ebyo byonna, embala ezo, okwogera mu nnimi, n'okuleekaana, n'ebintu ebya buli ngeri ebibaawo. Byonna byonna mbikkiririzaamu. Naye bwe bibaawo nga *Kino* tekiriwo, wabaawo ekikyamu. Mukiraba? Kati, mulaba, mulaba, o—obeera olina kisosonkole busosonkole. Mwekkaanye.

<sup>101</sup> Kale kyali kimweraliikiriza, kye yava agalamira awo bukiika ku ntebe efunyibwa n'efuuka ekitanda omwami we kwe yali atudde nga asoma, otulo ne tumutwala.

<sup>102</sup> N'aloota nga ali waggulu ku lusozi. Era mu lusozi luno, ekisinga... olupapula olwo ssirulina wano, naye kirabika kiri bwe kiti. Yaloota nga alaba o—olwazi olwakulanga ekibokisi, nga kiringa—nga kiringa o—olwazi olwakulanga ekibokisi, nga lutudde waggulu ku ntikko y'olusozi. Nga n'omwami we ali mabega we. N'alaba omusajja omunene nga ayimiridde awo, nga ayambadde engoye ezikolerwamu emirimu, nga afunyizza emikono gy'olugoye lwe, nga asena amazzi agasingayo

obulongoofu ge yali alabye, nga agayiwa mu bokisi eno, bookisi eno ey'olwazi eyali waggulu ku ntikko y'olusozi. Naye nga bookisi amazzi gagiyitamu buyisi. Ekyavaamu ne gakulukuta ne gagiyitamu, ne gasiikuula kasasiro yenna n'obuti obwalimu, na buli kimu ekyalimu, ne gabisiikuula ne bibooga ne bikulukuta nga bwe bikka wansi okuva ku lusozi. Ne bikulukuta ne biyiika ku bigere bye, ne yeesanga nga ayimiridde mu bintu ebyo ebyali bikulukuta, naye tebyamukwatirako.

<sup>103</sup> Kye—kye yava abuuza lwaki bokisi tesobodde kubiwanirira, omusajja n'amugamba nti, "Ago si mazzi. Oyo Mwoyo Omutukuvu, era," n'agamba nti, "tewali kiyinza kumuwanirira." N'agamba nti, omusajja kye yava addayo n'afuna bbaketi endala ennene nga ejjudde omubisi gw'enjuki, n'ayiwa omubisi gw'enjuki mu bokisi eri, n'agamba nti, "Kati guno ggwo tegugenda kuyitamu." Naye mwannyinaffe ye yali alowooza nti bokisi, yali bokisi ya lwazi, nti yali egenda kwabika omubisi gw'enjuki guyiike, naye teyayabika. Era oluvannyauma yeekwata wamu n'eguwanirira.

<sup>104</sup> Mwannyinaffe kye yava akyuka n'aserengeta nga bw'ava ku lusozi. Bwe yaserengeta n'ava ku lusozi, kye yava ayimirira ku ntobo y'olusozi n'akyuka n'atunula emabega. N'alaba ensulo ttaano ez'amazzi gano amalongoofu, agatukula be ttukuttuku, nga tegonooneddwa bintu biri bye gaali gayiseemu, nga gakyali malongoofu era mayonjo, nga zikulukuta ku misinde emiyitirivu. Ekyavaamu ne zikendeeza ku misinde. Ate, ne zigenda nga kyenkana zonna ziggwerera, era yali yeebuuza oba nga zinaatuuka ku ntobo y'olusozi, nga zikyali nsulo taano. N'azuukuka.

<sup>105</sup> Ndwooza kyenkana ekirooto ekkyo bwe kityo bwe kyali, si bwe kiri, Mwanyinaffe Shepherd?

<sup>106</sup> Kati, nnali nnaakakwata nti ebbaluwa okugisumulula, mba sinnagisoma, ne ndaba ekirooto kye.

<sup>107</sup> Ebirooto bwe bityo bwe bivvuunulwa. Kati, bangi ku mmwe muzzenga gyendi nga mulina ebirooto, ne—ne mubaako bye munjambwa ebikwata ku birooto. Naye ne mbagamba nti, "Lindako katono. Ekirooto ekkyo tokimazeeyo." Mukiraba? Ne nzirayo emabega ne nkirambulula kyonna nga bwe kyali. Kati bw'oba tosobola kunnyonnyola kye waloose, onaayinza otya okumanya amakulu gaakyo oba nga matuufu oba si matuufu? Mukiraba? Oteekwa, oteekwa okulaba ekirooto. Okwolesebwa kulina okulaga ekirooto. Kati bw'olaba ekirooto omuntu ky'aba yaloose, n'okimugamba nga tannakikugamba, obeera omanyi amakulu gaakyo.

<sup>108</sup> Ekkyo, nzikiriza ne mu Byawandiikibwa, mwekiri, ne Danyeri, lumu kyamutuukako. Si bwe kyali? Yagamba... Weewaawo. Nzikiriza ekkyo kye kyanzijira mu kiseera ekkyo. Mukiraba?

<sup>109</sup> Naye bulijjo olina okulaba ekirrooto, kati, okuvvuunulwa bwe kuba nga kutuufu. Omuntu bw'atandika okukubuulira ekirrooto kye yaloose, osobola n'okumuyimiriza, n'omugamba nti, “Weesirikire. Kyabaddde *bwe kiti*. Era mwabaddemu *kino-na-kino*, ne *bwe kiti* ne *bwe kiti*.”

Awo nga omugamba nti, “Ky'ekyo kyennyini.” Okiraba?

<sup>110</sup> Luli, waaliwo omusajja, eyali agezaako okumbuulira ekirrooto kye yaloose. N'agamba nti, “Kale,” n'agamba . . .

Kye nnava mmubuuza nti, “Naye kaakati, ow'oluganda, ekitundu kiri ekirala oleseeyo kyaki?”

N'ambuuza nti, “Ate kitundu ki?”

<sup>111</sup> Ne mmugamba nti, “Waloose nga okasuka ejinja mu bbanga, ne ndikuba essasi ne livaako obupapajjo ne bunsammukira mu liiso.”

<sup>112</sup> N'agamba nti, “Ddala bwe kityo bwe kyali, Ow'oluganda Branham.” Era, akatundu akasembayo baakaggyeemu lunaku lwa jjo. Uh-huh.

<sup>113</sup> N'olwekyo kiikyo. Mukiraba? Mukiraba? Lwaki? Mmwe temuggyayo mazima gonna, naye, olaba, lubeerera Abikkula eby'emabega, era, n'akubuulira ekirrooto kyo, kye waloose. Olwo n'otegeera nti kituufu.

<sup>114</sup> Kati, gano ge makulu g'ekirrooto kye. Yali atawaanyizibwa ku bikwata ku Mwoyo Omutukuvu. Kati, kyamutawaanya nnyo okutuusa okuba nti ekibokisi kye yalaba ku ntikko y'olusozi, Iwali lwazi. Ekibokisi ky'olwazi kitegeeza, *lwazi*, “okwatula.” Kati, nga Yesu bwe yayogera mu Byawandiikibwa. Yagamba nti, Peetero yamubuuza . . . “Ani,” Yesu yabuuza nti, “Nze, Omwana w'omuntu, abantu bampita, ani?”

“Omu n'agamba ye Ggwe ‘Eriya,’ omulala ‘Musa,’ n'ebirala.”

Kye Yava ababuuza nti, “Naye mmwe mumpita Ani?”

N'amugamba nti, “Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu.”

<sup>115</sup> Kati, abantu abamu bagamba mbu, ekereziya Katolika egamba, ekereziya Katolika ey'e Rooma egamba, mbu okwa- . . . “Olwazi olwo, Yesu kwe yagamba nti, ‘Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza.’” Bagamba mbu, “Yali ategheeza ku Peetero. Era mbu Peetero ye yali olwazi olwo, kubanga *Peetero* litegeeza ‘akayinja.’ ‘Ku kayinja kano kwe Ndizimba Ekkanisa Yange.’” Era ku Peetero, abo, abagoberera enkola y'abatume ey'ensikirano, okwo kwe baazimba ekkanisa.

<sup>116</sup> Ate ekkanisa ey'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki zo ne zigamba nti, “Ekyo kikyamu. Nti, Ekkanisa yagizimba ku Ye mwene.”

<sup>117</sup> Kati, ssaagala bwagazi butakkiriziganya nabo, naye, nze, mu kulaba kwange, bombi bakyamu. Kubanga, teyagizimba ku Peetero, so nga era teyagyezimbako nga Ye, naye yazimbibwa ku kubikkulirwa kwa Peetero kwe yafuna okw'ekyo Yesu kye Yali. Mukiraba?

“abantu bagamba, Nze Omwana w’omuntu nze ani?”

“Gewe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu.”

<sup>118</sup> “Olina omukisa, ggwe Simooni, mutabani wa Yona. Kino omubiri n’omusaayi si bye bikikubikkulidde,” si ttendekero lya bya ddiini, olaba, “wabula Kitange ali mu Ggulu y’akikubikkulidde. Ggewe Peetero. Ku lwazi luno olw’okwatula, ku kubikkulirwa kuno, kwe Ndizimba Ekkanisa Yange.”

<sup>119</sup> Era bwe kityo bwe kibaddenga, buli mulembe gwa kkanisa gubaddenga n’okwatula okwo okw’olwazi, okutuukira ddala ku kwatula kuno okw’olwazi okwa Lawodiikiya.

<sup>120</sup> Era, kati, ekkanisa tosobola kugifuula ntukuvu. Teriiyo kintu kiyitibwa kkanisa entukuvu oba ekibiina ekigunje kyonna ekitukuvu. Omwoyo Omutukuvu asobola okubuulirwa mu yo, naye era osangamu abalungi n’ababi, ba kyewaggula, abatafaayo, n’abalala bona. N’olwekyo tasobola kunywera mu kibiina ekigunje. Temuyinza kugamba mbu, “Ffe tumulina. Abalala bona tekuli amulina.” Nedda, ssebo. Omwoyo Omutukuvu afukibwa ku bantu ssekkinnoomu. Abeera muntu ssekkinnoomu.

<sup>121</sup> Kale, n’olwekyo, olwazi, Ekkanisa eno ey’abapentekoote ab’ennaku ez’oluvannyuma efunye Omwoyo Omutukuvu, nga bwe baamufuna ku ntandikwa. Okuyita mu mirembe gyonna, bazze bafuna Omwoyo Omutukuvu, naye si mu kigera mwe bamufunira leero, kubanga kino kwe kuzzibwaawo kwa kiri ekyasooka. Nga bwe tuyiga ku bikondo by’ettabaaza, Alufa ne Omega, nga bwe baakolezanga ettabaaza esooka; ekitangaala kigenda kyeyongera wagglu bwe kyeyongera wagglu, ne kizimeera; ate ne kiddamu ne kikomawo nate. Mukiraba? Ekisooka n’ekisembayo, n’ebirala.

<sup>122</sup> Kaakati, naye mu mulembe gw’ekkanisa guno, Obubaka bufukumulwa mu kkanisa. Naye ekkanisa, nga yo, yennyini, okutwaliza awamu nga....

<sup>123</sup> Ka tukozese, ekkunjjaaniro lino. (Y’ekkanisa ya mwannyinaffe mw’akunjjaanira.) Ekkunjjaaniro lino si kkunjjaaniro lya Mwoyo Mutukuvu. Teri kintu kya ngeri eyo. Abantu ssekkinnoomu abajja mu kkanisa eno abo ge makunjjaaniro g’Omwoyo Omutukuvu. Abo ge makunjjaaniro Omwoyo Omutukuvu mw’atuula, naye si kkanisa yonna awamu, nga ekibiina. N’olwekyo, Akulukuta n’ayitamu.

<sup>124</sup> Naye, ate, kati ate omusajja ono eyali ayiwa amazzi, omubaka eri ekkanisa, eyali ayiwa Obubaka mu kkanisa,

kati amazzi gaali gakola ki? Gaali gookya kasasiro yenna eyalimu. Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'akola, abyokya byonna n'abiggyamu, kati.

<sup>125</sup> Kati, omubisi gw'enjuki gwali gukiikirira kwagala kwa baaluganda, okubeera n'ekisa eri ab'oluganda, nga gwe mulembe guno. Nnaakamala okukiyigirizaako, mukiraba, eky'okuba n'ekisa eri ab'oluganda, omulembe mwe tuli kaakano.

<sup>126</sup> Kati, oynza okugamba nti, "Labayo, nze—nze—nze bannange Ow'oluganda Neville simwagalirako ddala n'akatono." Oba, "Ow'oluganda Jones simwagalirako ddala. Ow'oluganda *Gundi ssimwagala*," n'ekintu bwe kityo. Naye leka wabeewo ekimutuukako, ow'oluganda, owlira nga omenyese omutima. Owlira nga kijula kukutta. Mukiraba? Tusobola okuba n'ekisa eri ab'oluganda n'okulumirirwa abalala. Mukiraba? Naye okukukuma mu kibiina ky'abantu...

<sup>127</sup> Lwaki ofaayo eri ow'oluganda oyo? Kubanga omenyenga naye omugaati wano ku wolutaali, nga bw'ogenda okukola akawungeezi ka leero. Okujjaana naye. Omukuttenga mu ngalo. Osinza naye. Muganda wo. Weewaawo ayinza okubaako ne ky'akola mu mubiri, ky'oynza obutakkiriziganya nakyo, kubanga owlira wandyagadde, (weewaawo ky'otateekwa kukola), naye owlira nga oyagala okumwesalako katono. Naye ku ntobo y'omutima gwo, ssinga wabaawo ekintu kyonna ekituuka ku w'oluganda oyo, owlira nga kijula okukutta, oba mwannyinaffe oyo.

<sup>128</sup> Ndi—ndi musajja mukadde. Lumu nnaliko omuto, naye kati nkaddiye. Ekyo nzize nkiraba, okuyita mu mirembe, nga bakikola. Ogenda n'owlira abantu nga bagamba nti, "Ssikyayagala kukolagana naye." Naye bwe wabaawo ekimutuukako, awulira nga kijula okumutta. Ate nga adda mu kwejjusa nga agamba nti, "Ai Katonda, nnaiese muganda wange omwagalwa n'agenda, nga tetutabaganye." Mukiraba? Mukiraba? Kwagala kwa baaluganda. Kulabika nga okutaakwate, naye kukwata. Mubisi gwa njuki, gukwata.

<sup>129</sup> Kaakati, kyamusukkako nnyo okutuusa nti yavaayo, n'akkirira akasozi, okutuuka ku ntobo y'akasozi, kati, amazzi gano ag'omuwendo gaali gakulukuta okuva mu busozi, mu nsulo taano. Kati, ttaano gwe muwendo ogw'ekisa; Y-e-s-u, o-k-u-k-k-i-r-i-z-a, e-k-i-s-a. [Ebigambo bino bya nnyukuta ttaano mu Lungereza—Omuvv.] Mukiraba? Ttaano gwe muwendo ogw'ekisa. Ensulo ttaano zaali zikulukuta nga ziva waggulu eno nga ziyyiwa mu kibantu, okuyita mu bino *wano*.

<sup>130</sup> Buli gumu ku mirembe gino gwalina okwatula okwo okw'olwazi. Abatukuvu beebase, balindirira, balindirira, mukiraba, okutuuka ku mulembe guno. Naye mangu ddala Omwoyo Omutukuvu, nga afukibwa okuva mu Kristo, ajja kujja ateeke envumbo ku Kkanisa. Era ekyo bwe

kinaabaawo Ekkanisa ejja kukwakkulibwa. Ejja kuba kintu kya Katonda ekigattiddwa awamu, Omugole wa Kristo, anaabeera Omutwe gwa byonna. Kati mungoberera? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.]

<sup>131</sup> Kati, mwannyinaffe yali yeewuunya. Kati, mu kirooto kye, yali yeewuunya, “Oba nga ensulo eno entono... Oba nga ensulo eno entono enaaatuuka ku ntobo?” Mukiraba? Yali egenda ekalira. Kati, nga bwe kiri nti, ye kennyni. Kati kino kye njagala mutegeere kaakano. Ye kennyni yali yeebuuza. Oba nga “alina Omwoyo Omutukuvu”?

<sup>132</sup> Kati, kino nnali nneewala okukyogera, ennaku ntono eziyise, nga ndowooza nti ekkanisa enaabaya mwoyo ekimala okukitegeera. Kati ndowooza mu kaseera kano kyandibadde kirungi olutambi luno ne nsooka nduggyako, naye kubanga kino ssaagala kifulume kugenda mu baaluganda. Naye osobola okwogera mu nnimi, osobola okuleekaana, osobola okuzina amazina, osobola okugoba emizimu, osobola okukola buli kimu kyonna ky’oyagala, naye era n’osigala nga tolina Mwoyo Mutukuvu.

<sup>133</sup> Abayigirizwa bali tebaakomawo, nga basanyuka nga baleekaana kubanga ddayimooni zaabagondera, naye Yesu... . . . nga mu makkati gaabwe mwennyini mwalimu Yuda?

<sup>134</sup> Yesu teyagamba nti, “Ku lunaku luli,” bw’Alijja, nti, “bangi balijja gye Ndi ne banjamba nti, ‘Mukama wange, ssaagoba emizimu, era ssaakola emirimu egylekitalo mu Linnya Lyo?’ Nange Ndigungamba nti, ‘Muve wendi, mmwe abaakola eby’obujeemu. Ssibamanyangako.’” Ebantu ebyo si bye bikakasa nti olina Omwoyo Omutukuvu.

“Mulibategeerera ku bibala byabwe.”

<sup>135</sup> Kati oyinza okumbuuza nti, “Ow’oluganda Branham, tusaanye, okwogera mu nnimi?” Mazima ddala. Ebyo birabo bya Katonda. Naye ebirabo bya Katonda ebyo, bwe bitabaamu mbala zino, bifuuka ekyesittaza eri atakkiriza. Katonda tabikkiriza.

<sup>136</sup> *Bino* bye birina okusooka. N’olwekyo bw’obeera n’okukkiriza, obulungi, okutegeera, okwefuga, obugumiikiriza, okutya Katonda, n’okwagala ab’oluganda, olwo nga Omwoyo Omutukuvu akka nga akuteekako envumbo nga ekintu ekiri awamu ekiwedde okukolwako, mu ngeri y’emu nga bw’Ateeka envumbo ku mirembe gy’ekkanisa nga ekintu ekiri awamu ekiwedde okukolwako. Engeri gy’Akolamu Omugole We y’engeri gy’Akolamu omuntu ssekinnoomu; nga bona bakolebwu mu kintu kye kimu, nga Kaawa bwe yaggyibwa mu Adamu, mu lumu ku mbiriizi ze. *Bino* by’ebantu by’oteekwa okusooka okufuna. Toyinza kubigeegeenya. Toyinza kubikopperera. Biteekwa kuba nga Katonda y’abikuwadde era nga Katonda y’abizzadde mu ggwe. Okubikopperera kuleeta buleesi mivuyo.

<sup>137</sup> Kiringa bwe nnagamba nti. Osobola okukubamu akafaananyi nga akakubampanga katudde awo keesonseseemu ebyoya by'ejjiba mu biwaawaatiro byako, nga bwe kagamba mbu, "Olabo, ndi jjiba!" Tekaba jjiba. Kaba kakubampanga, nsega. Osobola okukubamu akafaananyi ekinyonyi ekiddugavu nga kirina ebyoya bya nnyonyimuzinge mu biwawaatiro byakyo, nga kigamba nti, "Ondaba!"? Ebyoya ebyo kiba kibisonseseemu busonesi.

<sup>138</sup> Naye birina kuva munda ne birabisibwa ku ngulu, ne bibala Obukristaayo; nga ye Katonda, ku bw'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu!

<sup>139</sup> Ebigere bya mwannyinaffe byatoba bwe yatuuka ku ntobo. Fenna tumanyi bulungi nga Mwannyinaffe Shepherd bw'ali omuntu alina okwagala. Ennyumba ye lubeerera eba nzigule. Ye wamu n'owoluganda, si nsonga oba kireereese, oba masikiini, oba kiki kyonna ky'ali, bajja kumuliisa, era bakole buli kimu kyonna okumuyamba okumulabirira. Ha! Ekyo Katonda yakikkiriza, ekitundu kye eky'omusingi.

<sup>140</sup> Naye wano we wali, kati, mufune eky'okuyiga kino. Guno gwe mutawaana gwa—gwa... Olwa kino leka nguzzzeeko. Guno gwe mutawaana gw'Ekkunjaaniro lya Branham. Mulaba, waliwo okukkiriza kwa bika bibiri eby'enjawulo. Waliwo obulungi bwa bika bibiri eby'enjawulo, nga bwe nnakinnyonnyola luli. Okutegeera kwa bika bibiri eby'enjawulo. Okwefuga kwa bika bibiri eby'enjawulo.

<sup>141</sup> Omuntu omu ayinza okulowooza nti okuwera, kwe kwali kubaziyiza. Ekyo si ky'ekika ky'okwefuga Katonda kw'ayogerako. Ayogera ku busungu obwo obutaliimu kutya Katonda, obutafugika bw'olina, n'ebigwa mu kkowe eryo, okwanukuza obusungu, okuyomba.

<sup>142</sup> Bw'oyogera ku bugumiikiriza, n'ebirala, waliwo ebibigegeenya, ebibyefaananyiriza; waliwo okukkiriza okw'obuntu; waliwo obulungi obw'obuntu. Waliwo okwefuga okw'obuntu. Ebintu bino byonna omuntu azaalibwa nabyo.

<sup>143</sup> N'ekitundu ekisinga obunene eky'okukkiriza kwaffe kuba kukkiriza okw'omu bwongo. Okuyita mu kuwlira Ekigambo, kituleetera okutegeera Katonda mu bwongo.

<sup>144</sup> Naye Kino, bwe kiva Waggulu, o, ow'oluganda, singa Kimala ne kikka ku *bino*, wabaawo okukkiriza okw'omwoyo okw'obwakatonda. Kati okukkiriza okwo kukola ki? Okukkiriza okwo kutegeera Kigambo kyokka. Ekintu ekirala kyonna ne bwe kigamba ki, kwo kutegeera Kigambo, kubanga, "Ku lubereberywaaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda." Era Kigambo akyali Katonda. "Era Kigambo n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli." N'olwekyo Ekigambo Kyennyini bwe kyefukumula mu kukkiriza kwaffe, okukkiriza kwaffe okw'obwongo kufuuka okubikkulirwa okw'omwoyo.

<sup>145</sup> “Ne ku musingi guno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange.” Mukiraba? Si ku kutegeera okw’obwongo okw’okwegatta ku kkanisa, okutegeera obutegeezi Ekigambo mu bwongo; naye ku kubikkulirwa, nga ensulo ezo ez’ekisa zifukumuddwa mu kukkiriza okwo okw’obwongo kw’olina. Kati, okuva awo, ku kubikkulirwa kuno okw’omwoyo kwe, “Ndizimba Ekkanisa Yange, n’emiryango gy’emagombe tegirigiyinza.” Mukiraba? Ekyo kiraga nti gigirwanyisa, naye tegirigiyinza. Ha, nga kirungi nnyo! Kati mulabeeyo okukkiriza. Ensulo zino ettaano . . .

Wano nnabaddewo n’akatundu k’ennoni, naye alabika teyakaleese.

<sup>146</sup> Naye ensulo ettaano ze mulaba zikkirira okuyita wano, ze zinyweza *bino* ne bibeera wamu. Omwoyo Mutukuvu ye yakola ekkanisa ya Efeeso. Omwoyo Mutukuvu ye yazaala ekkanisa ya Sumuna. Mwoyo Mutukuvu ye yawa ekkanisa ya Perugamo, n’ekkanisa ya Suwatira, mu Mirembe eg’Ekizikiza. Omwoyo Mutukuvu y’azze azimba Omugole oyo, Omulonde oyo eyaggyibwa mu nkola z’ebibiina eby’obuntu byonna okuyita mu mirembe eg’yenjawulo, bw’atyo. Waliwo Abalonde, Omugole wa Yesu Kristo eyateekerwateekerwa, oyo Omwoyo Omutukuvu gw’ayiseeyo Omulonde. Era abaddenga Mwoyo Mutukuvu mu mulembe *guno*, mu mulembe *ogwo*, mu mulembe *ogwo*, n’*ogwo*, n’*ogwo*, n’*ogwo*, okutuuka ku ntikko, abadde Mwoyo Mutukuvu.

<sup>147</sup> Era kati ne mu bantu ssekinnoomu, embala zino n’ebintu ebirala, omuli okutegeera n’okwefuga, bwe bigattibwa ku kukkiriza kwaffe. Olwo Ejinja ery’okuntikko bwe liija, Omwoyo Omutukuvu abigatta wamu. Okwo kwe kubatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu. Eyo y’ensonga lwaki leero kwa bbula nnyo.

<sup>148</sup> Leka ndabe wano, nninawo wano bye nnawandiise. Leka tulabe. Nnina ekifaananyi kye nnakubye, eky’ekirooto kye. Mukiraba? Temusobola kukiraba bulungi nga muli eyo gye muli.

<sup>149</sup> Kati, kiki ekijja nga kiva Mwoyo Omutukuvu? Kati awo aba Ajja kukuwa, okukkiriza okusukkulumye ku kwa bulijo, okukkiriza okw’omwoyo, kwe kuli *wano* ku ntobo. Kati okukkiriza okwo okw’omwoyo kutegeera Kigambo kyokka. Omuntu omulala yenna ne bw’ayogera kiki kyonna, teki—tekirina kye kigasa. Okwo kumanyi Kigambo kyokka. Oli bw’agamba mbu, “Ennaku z’ebiyamagero zaayita.” Okukkiriza okwo kumanyi Kigambo kyokka. Oli bw’agamba mbu, “Eby’okubatizibwa n’Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo.” Okukkiriza okwo kutegeera Kigambo kyokka. Okwo kwe kukkiriza okwa nnamaddala, okukkiriza okw’omwoyo, mukiraba. Bwe kiri. Mukiraba? Kumanyi Kigambo kyokka.

<sup>150</sup> Kaakati, ekyo kye kibadde ekisooka. Ekisooka, okujja gy’oli, eri okukkiriza kwo okw’obwongo okuba wano,

Omwoyo oyo Omutukuvu ajja n'ayingira mu kukkiriza kwo okw'obwongo, n'akufuula okukkiriza okw'omwoyo. Ate okukkiriza okw'omwoyo kutegeera Kigambo kyokka.

<sup>151</sup> Kaakati, n'eky'okubiri, n'eky'okusatu. Kati awo ojja kuba n'omwoyo, ojja kuba ofunye Omwoyo Omutukuvu, era ajja kussa envumbo ku bintu *bino* byonna abikusibiremu, nga Omwoyo oyo Omutukuvu bw'abikka ku *kino*. Okuva ku kukkiriza kwo, okutuuka ku Mwoyo Omutukuvu, akusibire munda wamu ne Kristo. Olwo mufuuke Omu. Amiina. (Ekintu kino kinzigirewo wano; kikumenyera bwereere.) Mufuuka omu. Okiraba, ggwe ne Kristo ne mubeera wamu. "Ku lunaku luli mulitegeera nga Nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu Nze; Nange mu mmwe, nammwe mu Nze." Mukiraba? Kati ekyo kiba kintu kya Mukama Katonda ekiri awamu ekiwedde okukolvako.

<sup>152</sup> Kaakati, era ekyo bwe kibaawo baba bakakasiddwa era ne bateekebwa mu bifo byabwe. Ekiseera ekyo bwe kituuka, bafuuka abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala abakakasiddwa.

<sup>153</sup> Mujjukira, mu Kitabo kya Matayo, essuula ey'e 17, olunyiriri olusooka okutuuka ku lwo 5, nga Yesu ali ku Lusozi Olw'okufuusibwa?

<sup>154</sup> Mwawulira obubaka obugamba nti *Mumuuwulire*. Obubaka bwe nnabuulira, gye buvuddeko wano, omwaka nga gumu emabega, bwe nnabuulira, obwakyaka ennyo, *Mumuuwulire*. Okutuuzibwa kw'omwana mu kifo kye nga omwana, ne mu Abaefeso 1:5, "Katonda bwe yatwawula edda okumufuukira abaana."

<sup>155</sup> Mulaba, mu maka, omwana ow'obulenzi bwe yazaalibwanga, yabanga mwana mu kiseera ekyo. Naye omwana oyo yabanga n'abakuza. Kati omwana oyo bw'ateeyisanga nga—nga omwana agwanidde, teyafuukanga musika. Naye bwe yakakasanga okuba omutabani agwanidde, era omwana anaagonderanga kitaawe, awo omwana oyo yatongozebwanga, oba yatuuzibwanga mu kifo kye w'alina okuba. Yafulilibwanga omusika w'ebyo kitaawe bye yabanga nabyo.

<sup>156</sup> Era ekyo Katonda kye yali akola ku Lusozi Olw'okufuusibwa. Bwe Yatwala Omwana We Yennyini, nga Amaze okukakasibwa nti ye Mwana agwanidde, olaba, era nga awangudde ebikemo byonna, Yamutwala waggulu ku Lusozi Olw'okufuusibwa n'amusiikiriza.

<sup>157</sup> Omanyi, mu Ndagaano Enkadde, baatwalanga omwana, ne bamwambaza ekyambalo ekirungi, ekineekaaneka, ne bamuyimiriza mu maaso g'abantu. Ne bakola omukolo ogw'okumuteeka mu kifo kye, manyanga kye tuyita okutongozebwawa. Ndowooza, mu Baggalatiya Pawulo akyogerako nga okutongozebwawa nga abaana ab'obulenzi abatongozeddwa. Kaakati, naye, okuteeka omwana mu kifo kye, abawereza bajja

kukitegeera, n'ab'omwoyo, n'abasomi ba Bayibuli, eky'okuteeka omwana ono mu kifo kye. Nga kitegeeza, nti omwana yabanga mwana bwe yazaalibwanga.

<sup>158</sup> Awo abantu baffe Abapentekoote we baakolera ensobi. Bwe tuzaalibwa mu maka, nga tuzaalibwa Omwoyo Omutukuvu, ekyo kituuufu, naye ate kitukakatako okuba abaana abagwanidde, nga tukuzibwa Omukuza omuntuufu. Mukiraba?

<sup>159</sup> Kati, omusajja, edda eri mu ndagaano enkadde, bwe yallowoozanga ku mwana we, n'ayagala aveemu omwana ow'obuvunaanyizibwa, yafunanga omukuza asingayo obulungi gw'asobola okufuna, omusomesa asingayo obulungi, kuba yayagalanga omwana we abeere nga kitaawe. Mukiraba? Kale yafunanga omukuza omuntuufu.

<sup>160</sup> Kaakati, oba nga omuntu ow'oku nsi yasobolanga okulowooza ku mukuza asingayo obulungi, olwo ate Katonda, Kitaffe? Kati, Teyafuna ba bisopu, na ba kalidinaali, na basaaseredooti. Yafuna Mwoyo Mutukuvu y'aba abeera Omukuza waffe. Era Omwoyo Omutukuvu ye Muyigiriza waffe. Era A—Ali mu Kkanisa, era Atwala obubaka eri Kitaffe.

<sup>161</sup> Naye kati watya ssinga taata, manyanga, omukuza ajja n'agamba nti, "Naye, Taata..." Kaakati, tajja kufuna mukuza eyeeraga, nga bwe mumanyi, ayagala kweraga, bwe tukiyita. Agamba nti, "Naye kati, taata bwe nnaamubuulira ebikwata ku... Weewaawo, omuvubuka ye kyewaggula, naye ekyo singa—singa nkigamba kitaawe, kitaawe yandinnyongeza omusaala." Oyo si mukuza mutuufu. Omukuza omuntuufu aba mwesimbu, ayogera mazima.

<sup>162</sup> Bw'atyo n'Omwoyo Omutukuvu, atwogerako Mazima, bw'Ajja mu maaso ga Katonda. Weewaawo. Kale Ajja. Olowooza otya? Yandyennyamidde leero okumugamba nti, "Bawala Bo bona basalako enviiri zaabwe, ate nga Wabagaana okukikola. Batabani Bo bajjudde ndowooza za bibiina bya buntu, ne batuuka n'okuba nti tebakyafaayo omu ku munne. Ekyo bwe kiri. Era bakoppa *kino* mu kifo kya Kino, na *kino* mu kifo kya Kiri." Nga kyandimwennyamizza! Naye Omukuza oyo nga yandyagadde okujja agambe nti, "Ha, bannange! Omwana oyo mwana mulungi nnyo. Afaananira ddala Kitaawe." Ha, ekyo nga Yandyagadde okukyogera! Mukiraba?

Olwo Kitaffe nga alyoka yeenyumiriza nga agamba nti, "Ono mwana Wange!"

<sup>163</sup> Ky'ekyo kyennyni Katonda kye yakola ku Lusozi Olw'okufuuusibwa. Mwekkaanye, waalabika Musa ne Eriya. Era Peetero, nga yenna akyamuukiridde; oluvannyuma lw'ekyaliwo ekyali kisusse ku ky'obutonde. Peetero yakyamuukirira, n'agamba nti, "Leka tuzimbe ensisira ssatu, emu Yiyo, emu ya Musa, endala ya Eriya."

<sup>164</sup> Aba akyayogera, Katonda n'amusala ekirimi. N'agamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa gwe nsanyukira. Mumuwulire." Mukiraba? Katonda Yavaawo mu kifaananyi, n'agamba nti, "Ono ye Mwana Wange."

<sup>165</sup> Musa yali akiikirira mateeka. Bannabbi baali bakiikirira bwenkanya Bwe. Twali tetusobola kutuukiriza mateeka Ge. Twali tetusobola kutuukhana na mutindo gwa bwenkanya Bwe. Sisaba bwenkanya. Njagala kusaasirwa, so si bwenkanya. Sisobola kutuukiriza mateeka Ge, era sisobola kutuukhana na mutindo gwa bwenkanya Bwe. Naye nneetaaga okusaasira Kwe. Era Katonda kye yava agamba nti amateeka n'obwenkanya byatuukirizibwa mu Ye. "Ye Mwana Wange omwagalwa. Mumuwulire. Ye Oyo. Ye Oyo."

<sup>166</sup> Kaakati, mu Ndagaano Enkadde omwana oyo bwe yatongozebwanga, oba n'atuuzibwa mu kifo kye eky'obuyinza mu maka, erinnya lye lyabanga likola nga erya kitaawe ku ceeke. Yee, ssebo. Tebaalina... Baalinanga mpeta, mu nnaku ezo, kwe kwali nga okuteekako omukono, ke kaali akabonero. Era ba... [Ow'oluganda Branhams akola eddoboozi nga ery'okuwanda amalusu era n'akuba ku kituuti—Omuk.] Yagiwandangako eddusu, n'agikoonako, n'ekolawo akabonero. Ekyo kyabanga... Omwana yayambalanga empeta ya kitaawe, akabonero ke. Era ekyo kye yakolanga kyabanga kitaawe y'akikoze.

<sup>167</sup> Kaakati, ne Yesu bwe yagonda, Yesu bwe yagondera Katonda, Katonda yamuteeka mu kifo Kye mw'alina okuba n'agamba nti, "Y'ono."

<sup>168</sup> Kati, bwe wabaawo mmemba azaalibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu maka ga Katonda n'akakasibwa nti alina embala zino mu ye, Katonda n'amulabamu obulungi, okutegeera, okwefuga, obugumiikiriza, okwagala ab'oluganda, n'okutya Katonda, mu ye, awo nga Katonda amussaako envumbo, oba nga amutuuza mu kifo kye. Era, awo, w'olabira abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala.

<sup>169</sup> Awo, Abaefeso 4:30 ne walyoka wagamba nti, "Temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa ku Lunaku ol'okununulibwa kwammwe." Kati, eri abamu ku mmwe Ababaputisiti abaagala okugenda ku bukuumi Obutaggwaawo, kati, bw'otuuka ku mutendera ogwo, nja kukkiriziganya naawe ku bukuumi Obutaggwaawo, bw'otuuka awo.

<sup>170</sup> Naye eby'okumala gagamba, buli asanze n'amala gagamba mbu, "Nneegasse ku kkanisa y'Ababaputisiti. Ndi Mupulesibiteriyani. Kale nnina obukuumi Obutaggwaawo." Ekyo kikyamu. Obulamu bwo bwennyini bukakasa nti tobulina, okutuusa nga Kino okifunye.

<sup>171</sup> Nga Katonda akutongozza n'akuteekako envumbo ku bw'Omwoyo Omutukuvu n'akusibira munda mu

Bwakabaka Bwe, awo tewaba kubufuluma. Obaako obukuumi Obutaggwaawo. Kkiriza. "Tonakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda oyo eyakuteesaako akabonero ggwe wenna n'embala zo ez'obwakatonda okutuusa ku Lunaku olw'okununulibwa."

<sup>172</sup> Nzirkiriza nti waliwo Omugole eyateekerwateekerwa. Nzirkiriza nti Katonda yagamba Aliba "n'Ekkanisa etaliiko bbala wadde olufunyiro." Nzirkiriza mu kuteekateekerwa, nti Omugole yateekerwateekerwa. Ateekwa okubeerayo Eri. Nsuubira ndi Naye. Ekyo, mukiraba, ndi Naye. Kati kiri eri nze okukolerera obulokozi bwange ne Katonda, okutuusa nga ebintu *bino* Katonda abikakasizza, olwo ne nteekebwako envumbo mu Bwakabaka bwa Katonda. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu. Egyo gye mirimu gyga Katonda gyennyini. "Okuteebewako envumbo okutuusa ku Lunaku olw'okununulibwa."

Ekyo ky'ekirooto kye yaloota. Nnalowooza nti kyali kirungi.

<sup>173</sup> Kaakati, n'olwekyo, ekyo Omugole bw'akikola, Ekkanisa eyo bw'etuuka mu kifo kino, oba omuntu ssekinnoomu, Ekkanisa egenda kubeerayo Eri. Leka nkyogere bulungi nnyo musobole okukifuna obulungi. Ekkanisa yateekerwateekerwa okubeerayo Eri. Njagala kubeera Nay, naye engeri yokka gye nsobola okubeera Nay, kwe kubeera ekitundu ku Yo. Nfuuka ntya ekitundu ku Yo? Nga ndi munda mu Yo. Ngiiyingiram ntya? Okuyita mu kubatizibwa, n'Omwoyo omu. Abakkolinso Ekisooka 12, "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuingira mu Mubiri gumu." Omubiri gumu; tubatizibwa bubatizibwa okuguingiram.

<sup>174</sup> Naye tosobola kunywezebwu ku buntu buno, n'ogamba mbu, "Nnayogera mu nnimi. Nnamufuna." Bw'ova wano n'ogenda, n'osunguwala, n'omokkola agagambo, ne weeyisa bw'otyo. Okiraba? Ekyo kibanga kuteeka byoya bya nnyonyi muzinge ku—ku nnamuppoona. Okiraba? Tosobola kukikola. Obulamu bwo bwennyini bukakasa nti si bwe kiri.

<sup>175</sup> Naye ebintu *bino* bwe biba bikolera mu ggwe, nga Katonda y'abireetera okukola, awo kitegeesa wateekebwako envumbo. Awo obeera togeegeenya bugeegeenya. Obeera ggwe kennyini. Awo okwolesebwu, Omwoyo Omutukuvu, emirimu gyga Katonda, egituukiridde, na buli kimu, we birabisibwa, kubanga (lwaki?) ggwe ne Kristo mufuuse omu. Ka nsuubire nti ekyo kitegereekese. Ggwe ne Kristo mufuuse omu.

<sup>176</sup> Nnabaddewo wano n'ekintu ekirala kye nnawandiise, kye mnabadde njagala okulowoozaako. Kituleeta mu kifo eky'Obulamu. Olwo n'ofuuka...n'ofuna Obulamu Obutaggwaawo.

<sup>177</sup> Kaakati, wano nninawo enkuluze y'Oluyonaani eyitibwa, *Emphatic Diaglott*. Nnagisomamu luli nga nnina ekigambo kye nneekenneenya.

<sup>178</sup> Kati, mu njiri ya Yokaana 14, manyanga Yokaana 3:16, tusanga, nga awamu wagamba nti, “alina Obulamu obw’emirembe n’emirembe.” Ate awalala ne wagamba nti, “alina Obulamu Obutaggwaawo.” Naye mu Luyonaani, mu ntaputa y’Oluyonaani... Mu Lwebbulaniya, wagamba nti, “Obulamu obutakoma.” Mu kigambo eky’Oluyonaani, mulimu a-i-n-i-o-a-n.

<sup>179</sup> Kyenkana kiringa “aeon.” *Aeon* kye “kiseera” ekitayinza, gwe muwendo ogutayinza kubalibwa. Gusukka ku bukadde, n’obusiriivu, n’obuwumbi.

<sup>180</sup> Naye kino kiri *aionios* y’ebiseera, Obulamu Obutaggwaawo. Era Ekigambo eky’Olungereza ekikozesewa kiri Obutaggwaawo. Ffe tukimanyi nga Obutaggwaawo, *aionios*, oba “Obulamu obutakoma.” Mukiraba? Kati bw’oba n’Obulamu obutakoma, oyinza otya okuzikirira? Obeera ofuuse kitundu ku ekyo Ekitaggwaawo. Ate waliwo ekintu kimu kyokka Ekitaggwaawo.

<sup>181</sup> Ssetaani si wa Butaggwaawo. Nedda. Ya—yafuuka bufuusi Ssetaani. Ggeyeena si ya Butaggwaawo. Ggeyeena yatondebwa butondebwa. Si ya Butaggwaawo. N’emibirini gino si gya Butaggwaawo. Gyatondebwa butondebwa.

<sup>182</sup> Naye Omwoyo wa Katonda wa Butaggwaawo. Teyalina ntandikwa, era Talina nkomerero. Era engeri yokka gye tusobola okufunamu Obulamu Obutaggwaawo, okuva mu kigambo ekyo ely’Oluyonaani, Zoe, ekitegeeza nti, “Obulamu bwa Katonda mwene,” tulina, tufuuka kitundu ku Katonda bwe tufuuka abaana ba Katonda ab’obulenzi n’ab’obuwala, ne tuba n’Obulamu obwa *aionios*. N’olwekyo ekitundu ekibeera ekiram, mu ffe, ekitegeera Ekigambo kino, okuva *wano* okutuuka *wali*, ekyo ekitegeera, bwe Bulamu obwo obwa *aionios*, “Obulamu obutakoma.” Bwe Bulamu bwa Katonda Bwennyini mu ffe. Amiina. Whew!

<sup>183</sup> Luli, bwe nnali mu lugendo, nnanyumyaako, n’Omujulirwa wa Yakuwa. Kati sigenderera kubaako nzikiriza ya muntu yenna gye ntyoboola. Tubalina bangi batudde wano abaakyuuuka, okuva mu Bajulirwa ba Yakuwa. Omu ku bayima b’ekkanisa yaffe yali Mujulirwa wa Yakuwa, *yali*, naye n’alokoka, ye wamu n’ab’enju ye. Kitaawe yali musomi wa bitabo; Ow’oluganda Wood n’abalala. Baganda be bona ne bannyina kati, kyenkana bona bajja, era baafuna Omwoyo Omutukuvu, kubanga okwolesewa kwa Katonda kwababuulira bye baakola. Ne bye ba... Mukiraba? Ekyo kye kyakikola.

<sup>184</sup> Kaakati, naye wano, Abajulirwa ba Yakuwa mu kitabo kyabwe, kigamba nti omukka gw’ossa ye mmeeme. Kati, ekyo tekiyinza kuba kituufu. Omukka gw’ossa si ye mmeeme. Bwe kiba bwe kityo, kiba—kiba kitegeeza nti mu kiseera ekimu obeera mmeeme ya ngeri ndala, ate mu kiseera ekirala n’obeera

mmeeme ndala, omuntu omulala gy'aba assizza. Ggwe laba we wandibadde. Kaakati, omukka gw'ossa eba mpewo, era empewo eyo gy'ossa mu nnyindo zo.

<sup>185</sup> Kati, Ekyawandiikibwa bakisoma bakiva mabega gye kisemba ekigamba nti, "Katonda n'amufuuwamu Omukka mu nyindo ze, n'afuuuka emmeeme ennamu." Kati, njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Bw'aba yali muntu, mukka gwa ngeri ki gwe yali assa Katonda bwe yali tannamufuuwamu Mukka Gwe ogw'Obulamu? Mukiraba? Mukka gwa ngeri ki? Yali assa, nga muntu omulamu. Kale, kati, ekyo bwe kiba bwe kityo, kitegeezza buli nsolo mmeeme ennamu, kubanga omukka gwe zissa ye mmeeme y'omuntu, n'olwekyo mmeeme zaffe, okutwaliza awamu. Kitegeezza Yesu yali teyetaaga kufa. Saddaaka y'ensolo yandibadde emala. Mukiraba? N'olwekyo, ow'oluganda, ensonga eyo tematiza.

<sup>186</sup> Naye Katonda kye yakola, Yamufuuwamu Omukka ogw'Obulamu Obutaggwaawo, amiina, olwo n'afuuuka emmeeme ennamu, emmeeme etayinza kufa. Kati mwekkaanye. Tugenda kuyingira mu mubisi gw'enjuki, gubakulukutire ne ku nkokola. Weetegereze. "Yamufuuwamu Omukka ogw'Obulamu mu nnyindo ze, n'afuuuka emmeeme Etaggwaawo." Kubanga, Katonda ye yamufuuwamu, obutonde si bwe bwakikola, naye Katonda ye yakikola, n'amufuuwamu Omukka ogw'Obulamu mu nnyindo ze, n'afuuuka emmeeme ennamu.

Kati oyinza okunjamba nti, "Naye ate Adamu yafa, Ow'oluganda Branham."

<sup>187</sup> Naye jjukira nti, Adamu bwe yali tannafa, yalina omwana gw'endiga ogwamununula. Aleruuya! "Abo be Yamanya edda, Yabayita." Yafuna omwana gw'endiga ogw'okubanunula. Yali kifaananyi. Adamu yagwa. Olwo omwama gw'endiga ne guweebwaayo ku lwa Adamu, kubanga mu nnyindo ze yali yafuuyibwamu Omukka ogwa Katonda Ataggwaawo, n'afuuuka emmeeme ennamu. Yali mwana wa Katonda.

<sup>188</sup> Ssi omukka gw'assa, nga ekigambo kye bakozesa mu Afirika. Ssimanyi mu Luyonaani bwe bakiyita, mu kaseera kano. Naye ekigambo kye bakozesa mu Afirika, bakiyita *amoyah*, ekitegeezza, "empewo; amaanyi agatalabika." Ensolo zissa amoyah. Aboonoonyi bassa amoyah.

<sup>189</sup> Kati olwo lwaki twandibadde tufuba okufuna Obulamu Obutaggwaawo, bwe kiba nga eyo y'emmeeme Etaggwaawo eyafuuyibwamu bwe twafuuyibwamu omukka? Lwaki twandibadde tufuba okufuna Obulamu Obutaggwaawo? Tekikola makulu, ow'oluganda. Okiraba? Te-te-tekirina we kikolera makulu.

<sup>190</sup> Naye, Katonda, mu ngeri ey'enjawulo ku Adamu, yamufuuwamu Omukka ogw'Obulamu Obutaggwaawo, n'afuuuka omuntu Ataggwaawo wamu ne Katonda. Yalina

obuyinza nga Katonda. Yali katonda omutono. Ye yali katonda w'ensi; si Katonda w'Eggulu, kati. Katonda w'ensi!

<sup>191</sup> Era lumu abaana ba Katonda baliddamu ne bafuuka bakatonda. Yesu bw'atyo bwe yayogera. "Tekyawandiikibwa mu mateeka gammwe nti, 'Muli bakatonda'? Kati abo be Yayita bwe muba musobola okubayita katonda, abo Katonda be yakyalira, Nze muyinza mutya okunvunaana, ne mugamba, bwe Ijambwa nti Ye nze Mwana wa Katonda?" Mukiraba? Kati tuli mu kuyingira mu kintu eky'obuziba. Kati kino mukyetegereze nga bwe tukinnyikiza.

<sup>192</sup> Kaakati, baabano. Kati mwana wa Katonda, naye akola ensobi. Akimanyi bulungi nti ky'akola kikyamu. Kati mujukire nti, Adamu teyalimbibwa. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Timoseewo Ekisooka 3. "Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa, n'aba mu kwonoona." Adamu yeetaba mu ekyo Kaawa kye yakola, kubanga yali mukyala we.

<sup>193</sup> Kye kintu kye kimu ne Kristo, Ssetaani teyamulimba, naye yatambula n'ayingira okufa wamu n'Omugole. Yagenda yeegatte ku Mugole, Asobole okununula Ekkanisa.

<sup>194</sup> Adamu yakimanya nti ali mu nsobi, bw'atyo n'agoberera Kaawa. Mukiraba? Naye waaliwo omwana gw'endiga ogwali gwaweebwayo ku lwabwe, nti baali baanunulibwa.

<sup>195</sup> N'abaana b'endiga bano, leero, Katonda be yamanyirawo edda, nabo Katonda abayise, waliwo Omununuzi. "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era bonna Kitange be yampa balija gye Ndi." Si bwe kiri? N'olwekyo waliwo Omwana gw'endiga ogwaweebwayo, okuva ku kutondebwa kw'ensi, amannya gaabwe we gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga. Omwana gw'endiga gwaweebwaayo, okusobola okukolawo ekkubo ery'ekisa eri buli omu ku bo okugenda mu kuzuukira, Omwana gw'endiga ogwaweebwaayo; Omwana gw'endiga gwa Adamu, kaakati mwekkaanye, ngezaako ngaa Adamu bwe yalina omwana gw'endiga ogwaweebwaayo.

<sup>196</sup> Kati, eyo y'Ekkanisa leero. Ssitegeeza ka—kkanisa. Ye mubadde mumanyi?

<sup>197</sup> Kino ssikyogera kuvvoola, era ssigenderera kulumya muntu yenna. Ssiri wano kukola ekyo, era nga bwe nnennyonnyoddeko edda. Ndi wano kuyamba, naye kye ngezaako okukola...

<sup>198</sup> Mumanyi? Amazima gali nti, amakanisa gano si makanisa. Waliwo Ekkanisa emu yokka. Bino bibiina bya munnomukabi. Mukiraba? Bibiina bya munnomukabi. Ssirina mutawaana gwonna... Birungi. Naye ekyo nja—njagala nkibakakase, mu ddakiika ntono, nti bibiina bubiina ebya munnomukabi. Oli wa kibiina ky'Abamesodisiti ekya munnomukabi, oli wa kibiina ky'Abapulesibiteriyani ekya munnomukabi, oba oli wa kibiina ky'Abapentekoote ekya munnomukabi, n'ebirala ebya

buli ngeri. Weewaawo, um-hum. Bibiina bya munnomukabi! Mukiraba? Toyinza... Mukiraba? Eky'amazima amakanisa bibiina bya munnomukabi abantu abafaanaganya endowooza gye bakunjaanira awamu.

<sup>199</sup> Naye Ekkanisa eri Emu. Era tosobola kwegatta ku Kkanisa. Ogizaalibwamu buzaalibwa. Era bw'ogizaalibwaamu, olwo n'ofuuka mmemba Waayo.

<sup>200</sup> Kiringa famire yange. Mbadde kitundu ku famire ya Branham okumala emyaka ataano mu esatu. Tebansabangako kwegatta ku famire. Lwaki? Tekinneetaagisa kwegatta ku famire. Nnazaalibwa ndi omu ku ba Branham.

<sup>201</sup> Ne mu Kkanisa ozaalibwamu buzaalibwa. Kati, zino endala zonna bibiina bya munnomukabi. Ekyo mwali mukirowoozezzaako? Yee, ssebo.

<sup>202</sup> Lumu nnali nsaawa omuddo, nga bwe ndowooza, ku, "Ekkanisa Katolika enkulu entukuvu," nga bwe bagiyita. Nga bwe njenda, nsaawa.

<sup>203</sup> Ne wabaawo Ekintu ekyannyimiriza, nga kya maanyi ddala, ne kijjamba nti, "Togiyita bw'Otyo." Ne nneetoolooza amaaso. Ne nziramu okusaawa. Ne Kiddamu ne kinnyimiriza, ne kigamba nti, "Toziyita bw'Otyo." Ne kigamba nti, "Ebyo bibiina bya munnomukabi, nga ebirala. Ezo si Kkanisa. Ekkanisa eri emu." Mukiraba? Abo ba mmemba ba kibiina kya munnomukabi, kubanga osobola okwegatta ku kibiina kya munnomukabi. Naye tosobola kwegatta ku Kkanisa. Ekkanisa, ogizaalibwamu buzaalibwa. Ofuuka mmemba Waayo okuyita mu Kuzaalibwa obuggyga, olwo n'ofuuka mmemba wa Famire, ow'oluganda oba mwannyinaffe mu Yo.

<sup>204</sup> Kati, leka mbeeko ne kye mbasomera wano okuva mu kitabo kya *Emphatic Diaglott*, eky'ekyawandiikibwa eky'Okubikkulirwa 17:3, wamu n'Okubikkulirwa kwa *Emphatic Diaglott* wano. Era kino mukyekkaanye bulungi, nga bwe kisoma, n'engeri—n'engeri gye kigeraageranyizibwa obulungi na kiri. Okubikkulirwa 16, 17. Kale. Kati leka tusome wano katono. Kino mukiwulirize, n'obwegendereza, Okubikkulirwa 17:3.

*Era omu ku Bamalayika ABO OMUSANVU nga alina...  
Ebiba OMUSANVU n'ajja n'ayogera nange,...*

<sup>205</sup> Mbasisomera, okuva mu *Lexicon*. "Nga alina..."

... "Jangu, nange nnaakulaga OMUSANGO GW'OMWENZI  
OYO OMUKULU, oyo atuula ku Mazzi Amangi;

<sup>206</sup> Era ekyo ffenna tukimanyi nti eyo ye Vatikaani. Tulina wano olupapula lw'amawulire oluyitibwa *Our Sunday Visitor*, okuva mu ekereziya Katolika, olututegeezza kyennyini omwenzi oyo kyali. Mukiraba?

<sup>207</sup> Era baayanukula bwe batí ku nsongá eyo, baagamba nti, “Naye lindako katono.” Yagamba nti, “Wabaddewo amannya aga buli ngeri,” n’agamba nti, “agasobola okuweza omuwendo ogwa lukaaga nkaaga mu mukaaga.”

Ne ḥambá nti, “Naye lindako katono.”

N’agamba nti, “N’erinnya lyo lisobola okukola lukaaga...”

<sup>208</sup> “Naye,” ne ḥambá nti, “Naye, nze ssituula ku busozi musanvu, nga nfuga ensi yonna, okiraba.” Uh-huh! Okiraba? Bwe kiri. Okiraba?

<sup>209</sup> [Ow’oluganda Branham asoma Okubikkulirwa 17:1 okuva mu kitabo *The Emphatic Diaglott*—Omuk.]

...nnaakulaga OMUSANGO GWA MALAAYA OMUKULU, atuula  
ku Mazzi Amangi;

<sup>210</sup> *Amazzi*, Okubikkulirwa 17:15, kitegeeza “nnamungi era enkuyanja y’abantu abakwatiridde.” Okiraba?

BAKABAKA B’ENSI gwe baakabawala naye, n’abo  
ABATUULA ku NSI ne batamiira OMWENGE gwa...  
gw’OKUKABAWAZA kwe.

<sup>211</sup> Kati kiki ekyaddirira?

*N’antwala, mu Ddungu, mu Mwoyo;...*

<sup>212</sup> Kaakati ebyo biri mu kitabo ekiyitibwa *Emphatic Diaglott*. Mukiraba?

...ne ndaba Omukazi nga atudde ku Nsolo emmyufu,  
ng’ejjjdde Amannya Agavvoola,...

<sup>213</sup> Kati, mu nzivuunula eyatongozebwá Ssekabaka Yakobo, kigamba nti, “nga ejjudde amannya ag’obuvvoozi.” Munnindemu katono, leka nkifune wano, katono. Okubikkulirwa, olunyiriri olw’oku 3. Kale, kiikino. Kale. Okubikkulirwa, mbadde ntegeeza 17, si 7; 17, kati muwulirize olunyiriri olw’oku 3.

Era n’antwala mu mwoyo mu ddungu: ne ndaba omukazi nga atudde ku nsolo emmyufu, ng’ejjudde amannya ag’obuvvoozi,...

<sup>214</sup> Olungereza bwe lutyo bwe lwakivvuunula. Nayé okuva mu nzivuunula ey’Oluyonaani eyasooka okuva mu *The Diaglott* kisoma bwe kiti, mu Kubikkulirwa 17:3. Muwulirize.

*N’antwala, mu Mwoyo, mu Ddungu; ne ndaba Omukazi atudde ku Nsolo emmyufu—Ensolo,  
ng’ejjudde Amannya Agavvoola,...*

<sup>215</sup> Ebibiri byawukanira ddala, okuva ku kya “amannya ag’obuvvoozi” n’ekya “amannya agavvoola.” Kye kiki? Era tu... Kati, ye yali:

...NNYINA W’ABENZI...

<sup>216</sup> Ekyo ffenna tukimanyi. Naye ekyo kiki? [Ow'oluganda agamba nti, "Ekereziya Katolika ey'e Rooma."—Omuk.] Tekikwetaagisa kuba... Weewaawo, ekyo bwe kiri, eyo ebeera ekereziya Katolika ey'e Rooma. Naye "ejjudde amannya agavvoola," Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abaluzalaani, nga bona beeyita, "amakanisa ga Katonda." amannya agavvoola! Waliwo enjawulo nnene nnyo wakati wa "amannya ag'obuvvoozi" ne "amannya agavvoola." Beeyita, "Ekkanisa ya Katonda," naye nga mu maaso g'ensi bakola byabwe; omuli okuzannya amatatu, n'okunywa omwenge, n'okwejeeguula, n'ebijjulo, n'ebirala, n'ebirala ebiringa ebyo.

<sup>217</sup> Waliwo Ekkanisa emu yokka. Ogizaalibwamu buzaalibwa. Toyinza kugiyigiramu okutuusa nga onaaaziddwa mu Musaayi gw'Omwna gw'endiga n'osibibwako akabonero n'Omwoyo Omutukuvu.

<sup>218</sup> Nga waliwo enjawulo nnene nnyo wakati wa "amannya ag'obuvvoozi" ne "amannya agavvoola." Mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

<sup>219</sup> Ekyo nnakitegedde ku makya ga leero bwe nnabadde nsoma wano, e... Bwe nnabadde nzijja, waliwo Ekintu ekyanjambye nti, "Genda mu kisenge kyo. Okwate ekitabo *The Diaglott.*"

<sup>220</sup> Kati, olina kugonda bugonzi. Ky'ekyo kyokka. Kale nnayingide munda. Ne nkiggyayo ne mbikkula Okubikkulirwa 17. Nga bwe nneebuuza nti, "Kino Oyagala nsome kyaki?" Ne ntandika okusoma. [Ow'oluganda Branham akuba entoli—Omuk.] Olwabadde okukibikkula nti, "Nga kye kiikyo." Ne nfuna ekkalaamu enkalu ne nkiwandiika. Ne ηjamba nti, "Kiikyo."

<sup>221</sup> Kati, bwe banvunaana olw'okuvumirira ebibiina by'amadiini. Ago ge mannya agavvoola, abeeeyita "amakanisa ga Katonda, n'amakanisa ga Kristo, n'amakanisa g'Abamesodisiti, n'amakanisa." Ebyo bibiina bya munnomukabi, si makanisa.

<sup>222</sup> Ekkanisa eri emu yokka, y'Ekkanisa ya Mukama waffe Yesu Kristo. Era Ekkanisa eyo kye kiki? Gwe Mubiri gwa Yesu Kristo ogutalabika na maaso ogukolera ku nsi, ogukolebwba ba mmemba okuva mu kibiina kyonna ku bibiina bino eby'abakkiriza, abandibadde ekitundu ku Mubiri gwa Kristo. Olina kuguzaalibwamu, so si kugwegattako bwiegassi.

<sup>223</sup> Era okubyegattako, kuba kwegatta ku mannya agavvoola, kwegatta ku mukazi ono. Omukazi ono, amaanyi ge!

<sup>224</sup> Era ndowooza mulaba ekigenda mu maaso gye bagenda okutwala abantu bona abalina endowooza ezaawukana ku nsonga z'eddiini, babaweereze mu Alaska. Mukirabye. Enzikiriza zaffe zonna ezikkiririza mu bintu ebitali bya bulijjo.

<sup>225</sup> Era kiki ekigenda mu maaso? Akakiiko, Akakiiko akagatta Amakanisa g'ensi yonna wamu n'Abakatuliki

balina akafubo akagenda mu maaso e Vatikaani, nga eyo, gye bagezaako okusinziira. Wamu ne ba bisopu bano, n'abalala, bona bagezaako okukkaanya awamu, basobole okulwanyisa enkola y'obwannaakalyak'ani. Ensi nga erwanyisa obwannaakalyak'ani, naye ate nga yeegatta ku Bukatuliki.

<sup>226</sup> Kiringa bwe kiri leero. Tuutuno, nga bwe nnagambye. Tuli mu . . . Eby'enfuna byaffe kyenkana bigudde. Tuli mu kwewola, na kusaasaanya ssente mu kiseera kino, ku misolo egijja okusasulwa emyaka kkumi n'ena okuva leero. Awo we tutuuse. Ani alina ssente z'ensi yonna? Ekereziya Katolika. Amerika eyinza kukola ki okuzeewola? Bo okusobola okuyimirizaawo kampuni za taaba zino n'emyenge n'ebirala. Mazima ddala bajja kuzibeevolako. Era bwe banaakikola, obusika bwabwe bajja kuba babutunze, nga babuwaddeyo, eri ekereziya Katolika ey'e Rooma. Twegatte. Mukirabe kiiokino, kyeraga kyokka, kya lwatu n'okusinga okusoma olupapula lw'amawulire. Kiokino wano. Mukiraba?

<sup>227</sup> Bali awo Bamesodisiti, Babaputisiti, Bapulesibeteriyani, n'ebirala bye beeyita, nga beeyita, "Ekkanisa ya Katonda." Abakatuliki n'ebirala ebyo byonna bye beeyita ge maanyi g'ensolo gano agajjudde amannya agavvoola. Nga mweyita mbu, "Ndi . . ." Nnagamba . . .

<sup>228</sup> Jjuuzi wano nnagenda mu ddwaliro, ebbanga si ddene eriyise, okubaako ne gwe nsabira. Ne njamba nti, "Tugenda ku . . ." Yali maama wange. Ne njamba nti, "Tugenda kusabira maama."

Omukyala kwe kugamba nti, "Zzaawo olutimbe olwo."

Ne mmubuuza nti, "Toli Mukristaayo?"

N'agamba nti, "Ffe tuli Bamesodisiti."

<sup>229</sup> Ne njamba nti, "Weebale. Mbadde ndowooza nti oba oli awo oli mukkiriza." Ne nzizaawo olutimbe ne lumusiikiriza. Mukiraba? Naye, bw'oba toli Mukristaayo, ate ekyo kirala. Mukiraba?

<sup>230</sup> Naye, "Ffe tuli Bamesodisiti," okwo kuvvoola. Ensolo, amakanisa, agayitibwa amakanisa, si makanisa. Ekyo leka nkakase nti kikwatiddwa ku lutambi. Weewaawo. Si makanisa. Bibiina bya munnomukabi. Abantu bye beegattako.

<sup>231</sup> Naye Ekkanisa ya Katonda omulamu tosobola kugyegattako bwiegassi. Ogizaalibwamu buzaalibwa, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Era bw'obatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, embala zino zisibirwa munda mu ggwe, nga zisibibwa Omwoyo Omutukuvu, na bwe kityo, "Oyo azaalibwa Katonda tayonoona." "Tasobola." Kiikyo. O, bannange!

Tusobola okwogera olunaku lwonna, si bwe kiri?

<sup>232</sup> Ekkanisa gwe Mubiri gwa Kristo ogutalabika na maaso, oguzaalibwa Omukka gwa Katonda. Oooh! Mukifunye?

[Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Ekkanisa ya Katonda ezaalibwa Mukka gwa Katonda. Katonda yafuuwa Omukka mu nnyindo, za Adamu, mu njogera ey’omwoyo, n’afuuka emmeme ennamu. Mubadde mukimanyi nti abapentekoote, manyanga Ekkanisa y’abapentekoote eya nnamaddala, ezaalibwa Mukka gwa Katonda?

<sup>233</sup> Muleke mbeeko ne kye mbasomera, mu kaseera katono ekikwata ku ekyo. Leka ndabe, mu kaseera katono. Enjiri y’Omutukuvu Yokaana, nzikiriza, we nnjenda. Tugenda kukizuula oba nga Ekkanisa ya Katonda, ezaalibwa ekyo, oba nedda. Enjiri y’Omutukuvu Yokaana, leka tulabe, nzikiriza kiri awo nga mu lunyiriri olw’e 16, 19; essuula eya 20. Kale. Nzikiriza tugenda kukisanga, wano wennyini. Kale. Ka mbasomere, tulabe oba nga Ekkanisa ezaalibwa Mukka gwa Katonda, oba nedda, nga Adamu bwe yali ku lubereberye. Mwekkaanye.

*Era ku lunaku luli akawungeezi, ku lunaku olusooka  
mu nnaku omusanvu, enzigi bwe zaali nga ziggaddwawo  
abayigirizwa mwe baali, olw’okutya Abayudaaya, Yesu  
yajja n’ayimirira wakati mu bo, n’abagamba nti,  
Emirembe gibe mu mmwe.*

*Era bwe Yamala okwogera bw’atyo, n’abalaga...  
engalo ze n’embiriizi ze. Awo... Abayigirizwa ne  
basanyuka, bwe baalaba Mukama waabwe. Awo  
Yesu...*

*Awo Yesu n’abagamba nate nti, Emirembe gibe  
mu mmwe: nga Kitange bwe yantuma nze,... nange  
twenty mbasindika mmwe.*

<sup>234</sup> Mwekkaanye. Kitaawe eyamutuma yayingira munda mu Ye. Ne Yesu, bw’Atuma omuyigirizwa, Ayingira munda mu ye. Ye Oli y’omu eyatuma; Katonda.

*Era bwe Yamala okwogera ekyo, n’abassiza omukka,  
n’agamba nti... Mutoole Omwoyo Omutukuvu:*

<sup>235</sup> Ekkanisa, nga ezaalibwa Omukka gwa Katonda! Ekigera kino bwe kimala okwezimba okutuuka waggulu eri, mu ngeri entuufu, olwo nga Omukka gwa Katonda gufuuyibwa ku mbala ezo nti, “Toola Omwoyo Omutukuvu,” kati awo obeera mwana wa Katonda. Osobola okwegatta ku kintu kyonna ky’oyagala, naye obeera wazaalibwa mu Kkanisa ya Katonda omulamu, nga wazaalibwa Omukka gwa Katonda. Katonda yabassiza omukka, n’agamba nti, “Mutoole,” whew, “Omwoyo Omutukuvu.” O, bannange! Kiikyo.

<sup>236</sup> Si, “Jangu otwegatteko, oteeke erinnya lyo wano.” N’ebijjulo byammwe n’ebirala byonna bye mukola, awo obeera wegasse ku kibiina ekya munnomukabi. Osobola okwegatta ku kibiina ky’Abamesodisiti ekya munnomukabi, oba eky’Ababaputisiti ekya munnomukabi, oba eky’Abapulesibiteriyani ekya munnomukabi, oba eky’Abakatuliki ekya munnomukabi,

oba eky'Abapentekoote ekya munnomukabi, osobola okwegatta ku kintu kyonna ky'oyagala okwegattako, naye obeera weegasse ku kibiina kya munnomukabi.

<sup>237</sup> Naye bw'ofuuka omwana wa Katonda, obeera ozaaliddwa Omukka gwa Katonda. Amiina. Kisingako n'okireka nga bwe kiri, awo wennyini. Kale.

<sup>238</sup> Obulamu bwa Katonda naawe buba bukulimu, Yesu yagamba. Mulindeeko katono. Yesu yagamba nti, "Nze Muzabbibu. Mmwe ttabi."

<sup>239</sup> Kati mulabeeyo. Kiki ekyabaleeteranga okukaayana ne Yesu? Baakaayana ne Yesu, kubanga Yali Muntu naye ate nga Yeefuula Katonda. Yali Katonda. Katonda yali mu Kristo. Mukiraba? Era Yabagamba. Yagamba nti, "Temutunuulira Nze. Si Nze. Ye Kitange, era Abeera mu Nze." O! Mukiraba?

<sup>240</sup> Kati, bo baali batunuulira mubiri ogwo ogwazaalibwa Maliyamu. Mukiraba? Oyo teyali Katonda. Oyo yali Mwana wa Katonda, naye Katonda yali munda mu Mubiri ogwo. Yali Katonda. Yagamba nti, "Bwe mba Ssikola mirimu gya Kitange, kale awo munnumirize. Naye ani ku mmwe asobola okunnumiriza ekibi, okuba ntii ssikkiriza Kigambo? Kigambo ki Katonda kye yayogera ekitatuukiriridde mu Nze?" Ekibi bwe butakkiriza. "Ani ku mmwe annumiriza ekibi?" Ekibi bwe butakkiriza. "Mundage. Bwe mba Ssikola mirimu gya Kitange, kale temunzikiriza. Naye bwe mba nga Nkola mirimu gya... Wadde temuyinza kunzikiriza, waakiri mukkirize emirimu gye Nkola, kubanga gye gikakasa kye ndi." Kubanga, "Kitange ali mu Nze, nga Yewaako obujulizi." Kubanga, "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Mukitegeera? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

<sup>241</sup> Naye, kati, Obulamu bwe bumu obuli mu Muzabbibu bwe buli ne mu ttabi. Onaakwatagana otya n'Obulamu obwo? Tekisoboka.

<sup>242</sup> Nnina omuti gwe nnalaba ebbanga si ddene eriyise, mu luggyia Iw'Ow'oluganda Sharrit mu Arizona, nga guliko ebibala mwenda eby'enjawulo ebigwa mu kiti ky'omucungwa. Kyali kiki? Gwali—gwali muti gwa mucungwa, omucungwa gw'akakundi. Naye gwaliko e—gwaliko e—enniimu, mangada, ennimaawa, ssecungwa. Gwaliko ebibala eby'engeri ezitali zimu. Ne nnyimirira, ne nneekaliriza omuti ogwo. Ne mmubuuza nti, "Ow'oluganda Sharrit, oyagala kunjamba nti omuti ogwo ddala muti gwa mucungwa?"

N'agamba nti, "Mazima ddala."

<sup>243</sup> Ne mmubuuza nti, "Naye, kisoboka kitya? Kijja kitya?" Ne ijambaa nti, "Ngulabako ssecungwa *wano*, ne mangada *wano*, n'ennimaawa *wano*, n'enniimu *wano*, n'ebibala ebirala. Kisoboka kitya?"

N'anjamba nti, "Kale, olaba, byakookerwako bukookerwa."

<sup>244</sup> "O!" Kye nnava mmugamba nti, "Naye, kati nnina kye njagala okukubuuza. Kati, mu kaseera kano ogunogako sseccungwa ono n'ennimu. Kati, omwaka ogujja, oligunogako ki? Guliddamu ne gubala emicungwa."

"Ha, nedda." N'agamba nti, "Era gujja kubala nnimu. Okiraba?"

"O," kye nnava mmugamba nti, "weebale." Mukiraba?

Tosobola kukikola. Tosobola kugugattamu kirala.

<sup>245</sup> "Naye," n'agamba nti, "buli mulundi omuti ogwo lwe gweyongerako omwaka ne guteekako ettabi eddala, ettabi eryo libala micungwa, bwe kiba nga ekikolo kyennyini kye kitaddeko ettabi eryo eriggya."

<sup>246</sup> Naye ffe kye tugezezzaako okukola kwe kumwegattako Ye nga bammemba, ne tutambulira wansi w'erinnya ly'Obukristaayo. Kubanga, tuli, nga bwe tuyinza okukiyita tuli bibala ebigwa mu kika ky'emicungwa, Ekkanisa y'Abakristaayo.

<sup>247</sup> Naye Omuzabbibu Gwennyini bwe gussaako ettabi, lija kuba nga Omuzabbibu gwe Lyassaako mu kusooka. Bwe kiba nti Omuzabbibu gwe Lyassaako mu kusooka bwe gwabala, baaguwandiikako Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume; bwe guliddamu ne guteekako ettabi eddala, nalyo Lijja kuwandiika ekitabo ky'ebikolwa. Kituufu.

<sup>248</sup> N'olwekyo, bino mubeera mu kwegatta ku bibiina bya munnomukabi. Naye bw'ozalibwa Omuzabbibu... Obala ebibala. Ekyo kituufu. Obala ebibala, naye mmwe mubikozesa ki? "Mufaanana nga abatya Katonda, naye ate mwegaana amaanyi agali mu kumutya." Mwegaana obubonero. Mwegaana ebyamagero. Mwegaana Omwoyo Omutukuvu. Mwegaana okwogera mu nnimi. Mwegaana okwolesebwa. Mwegaana obunnabbi. Mwegaana okuwonyezebwa. Ate, bwe muva awo ne, "Mweyita erinnya." Ky'ova olaba Omwoyo Omutukuvu yagamba nti, "Amaanyi, ag'ebibiina by'abantu, ebijjudde amannya agavvoola, mazima ddala, nga beeiyita, 'Abakristaayo.'" "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo. Abali nga abo obakubanga amabega, kubanga abo be banyaga abakazi abasirusiru abazitoowererwa okwegomba okutali kumu."

<sup>249</sup> Ebibiina ebya buli ngeri! Tujuzzza ekkanisa ebibiina, ekibiina kya *kino*, n'ekibiina kya *kiri*. Kati ekibiina kya Yesu Kristo kyo kiri wa? Mukiraba? Tulina ebantu ebirala bino byonna, era tuzitoowerezza ekkanisa. Kati ekyo kye kigenda mu maaso.

Tosobola kwegatta bweggassi ku Kkanisa.

<sup>250</sup> Weegatta ku kibiina kya munnomukabi. Obeera mmemba wa kibiina kya munnomukabi, ekibiina ky'abantu, nga ekibiina

kya munnomukabi bwe kibeera. “Ffe *kino* kye tukkiririzaamu. Tulina ebiragiro kwe tutambulira. Tulina ebyama byaffe, n’ebirala.” Nammwe mukola ekintu kye kimu, eky’enjawulo ekiriwo nti mwegatta ku kiyitibwa ekkanisa.

<sup>251</sup> Naye tosobola kwegatta ku Kkanisa. Ekyo weegatta ku bwa mmemba bwa kibiina kya munnomukabi, so si ku Kkanisa, kubanga Ekkanisa nga yo ogizaalibwamu buzaalibwa ne mu Muzabbibu Gwennyini.

<sup>252</sup> Kati mulindeeko katono. Mulabeeyo. Iñjenda kumaliriza, mu kaseera katono. Mwetegereze. Munsonyiwe. Ekyo ssi—ssigenderedde kukyogera. Mwetegereze. Mulabeeyo.

<sup>253</sup> Katonda bw’aba yagatta wamu Omugole ono nga akozesa Omwoyo oyo, era bw’atyo Agatta wamu n’omuntu ssekinnoomu nga akozesa Omwoyo oyo, mukiraba, olwo n’ozaalibwa mu Bwakabaka obwo. Era Obulamu buli bwennyini obwali mu Kkanisa *eno*, bwe buli ne mu Kkanisa *eyo, n’Eyo, n’Eyo, n’Eyo*. Era Obulamu bwennyini obwali mu kikuta, Omuzabbibu, Yesu, buli ne mu mmemba gw’Azadde. Ekitiibwa! “N’ebintu bye bimu bye Nkola, emirimu gye Nkola, nammwe muligikola.” Oyo ye mmemba omutuufu ow’Omubiri gwa Kristo, teyeepatiiseeko linnya lya ngeri yonna. Ebikolwa by’omuntu oyo byennyini biraga wa gye yava. Obulamu bwe butegeeza ky’ali.

<sup>254</sup> “Oli mmemba nnabaki? Oli wa mu mubiri ki?” Mubiri gwa Kristo. “Kale, wagwegattirako wa?” Ssaagwegattako bweggassi. Nnaguzaalibwamu. Mukiraba? Nnaguzaalibwamu.

<sup>255</sup> Teweetaaga na kubagamba. Ekyabaawo bakimanyi. “Ggwe, oyinza otya okukoleeza ettabaaza ate n’ogibikkako ekisero?” Bw’Atyo bwe yagamba. Mukiraba? Nedda, nnedda.

<sup>256</sup> Bw’ozaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda obwo, olwo Obulamu, buba Bulamu bwennyini obwali mu Yesu. Awo ojja kufaayo eri emmeeme. Awo tojja kwetaaga kwegayirira bantu, kujja ku wolutaali. Tojja kwetaaga kwegayirira muntu yenna, kujja alindiririre wamu n’abo abali ku wolutaali. Weewaawo. E—e—e—ebintu bijja kuba byekola byokka, kubanga Busibiddwa munda mu ggwe. Ogattiddwa wamu ne Katonda. Osibiddwako envumbo n’Omwoyo Omutukuvu.

Kati mutegedde “Omwoyo Omutukuvu” ky’ategeeza?

<sup>257</sup> Tekitegeeza, “Nnabuukabuuka ne ndeekaana. Nnafuna enneewulira ey’enjawulo.” Ebyo birungi. Nnabuuka ne ndeekaana, ne nneewulira mu ngeri ey’enjawulo. “Nnayogera mu nnimi.” Weewaawo nzikiriza Omwoyo Omutukuvu ayogera mu nnimi. Mazima ddala. “Nnavvuunula ennimi.” Yee, ssebo. Ekyo, nakyo nkikkiriza. Naye ebyo si ye Mwoyo Omutukuvu. Ebyo si bye njogerako. Wayinza okubaawo omuwaatwa *wano*, mu bugumiikiriza bwo.

<sup>258</sup> Leka wabeewo akukuba oluyi ku ttama erimu, mu maaso, okyusa ettama eddala? Naye ogamba nti, “Munnanfuusi oyo omukyafu!” Kati ekyo kiraga nti waliwo omuwaatwa, awantu awamu, waliwo awawummuse. Ekyo leka tukireke. Kale. Naye mutegeera kye ntegeeza.

<sup>259</sup> Naye bw’ossibwako akabonero n’osibirwa mu Mubiri gwa Kristo, awo obeera ojjuziddwa Omwoyo, nga oli mwana wa Katonda.

<sup>260</sup> Ha, kale ssinga mbadde nninayo eddakiika nga kkumi, okubaako ne kye nsoma wano. [Ekibiina kiddamu nti, “Genda mu maaso. Kisome, ow’oluganda.”—Omuk.] Naye musobola okunjumiikirizaayo eddakiika endala kkumi? [“Yee.”] Nnina kye njagala nsome, kitono nnyo. Kati, mu bwesimbu, sigenda kulwaawo. Mbakakasa, mukiraba, bwe tunaasoma kino mu ddakiika ntono nnyo. Kirungi nnyo kizibu okukivaako. Nninawo wano ebantu bitono nnyo, ebyakanzijira, bye nnandyagadde okwogera.

<sup>261</sup> Leka tubikkule mu njiri y’Omutukuvu Yokaana, essuula ey’oku 3, awogera ku Bulamu Obutaggwaawo. Leka tulabe kye Kigamba wano ku nsonga eno ey’Obulamu Obutaggwaawo, Obulamu bwa Katonda. Kaakati, kati mulabeeyo wano.

*Waaliwo omuntu ou’omu Bafalisaayo, erinnya lye  
Nikoodemu, mwami mu Bayudaaya:*

*Oyo n’ajja ekiro eri Yesu, n’amugamba nti, Labbi,  
tumanyi nti oli muyigiriza eyava eri Katonda: . . . tewali  
muntu ayinza kukola byamagero bino . . . wabula nga  
Katonda ali naye.*

<sup>262</sup> Kati, bali, ab’Olukiiko olukulu, baali bakimanyi nti Ye Mwana wa Katonda. Baali bakimanyi. Wuuno wano omufuzi waabwe, nga agamba Yesu nti, “Tumanyi nti Oli Muyigiriza eyava eri Katonda, kubanga Obulamu bwa Katonda bwennyini bukulukutira mu Ggwe.” Mukiraba? “Tumanyi nti by’Oyigiriza si bibyo nga Ggwe. Wabula bya Katonda, kubanga Katonda abikakasa.” Mukiraba? “Obulamu bwa Katonda bukulukutira mu Ggwe.” Kati mwekkaanye.

*Yesu n’addamu n’amugamba nti, Ddala, . . . nkugamba  
nti, Omuntu bw’atazaalibwa mulundi gwa kubiri,  
tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda.*

<sup>263</sup> O, bannange! “Okuggyako nga weegasse ku kkanisa yange”? O! Mulaba bwe bawuguka ne bamuvaako? Mukiraba? Mukiraba?

*Yesu, awo Yesu n’addamu n’amugamba nti, Ddala,  
ddala, nkugamba nti, Omuntu bw’atazaalibwa mazzi  
na . . . Mwoyo, tayinza kuyingira mu bwakabaka bwa  
Katonda.*

*Ekizaalibwa . . . omubiri                    kiba                    mubiri;  
n’ekizaalibwa . . . Omwoyo kiba mwoyo.*

*Teweewuunya kubanga nkugamba nti, Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri.*

*Empewo ekuntira gy'eyagala, . . . Mukiraba, kizzeeyo nate, mukiraba, kizzeeyo, mukiraba.*

*Empewo ekuntira gy'eyagala, . . . toyinza kuwlira kuuwuma . . . owulira okuuwuma kwaayo, naye toyinza kutegeera gy'eva, newankubadde gy'egenda: bw'atyo bw'abeera buli muntu . . . azaalibwa Omwoyo.*

*Nikoodemu n'addamu n'amugamba nti, Ebyo biyinza bitya okubaawo?*

*Yesu n'addamu n'amugamba nti, Ggwe omuyigiriza wa Isiraeri, n'ototegeera ebyo?*

<sup>264</sup> Ekyo kyetegereze, ow'oluganda, ggwe a—alina D.D., Ph.D., L. bbiri ne D., mukiraba, “N’ototegeera bintu bino?”

*Dala, . . . nkugamba nti, Twogera kye tumanyi, era tutegeeza kye twalaba; naye temukkiriza kutegeeza kwaffe.*

<sup>265</sup> “Ebintu bino tubimanyi. Tubirabye. Tumumanyi, naye tokkiriza kutegeeza kwaffe.” Ggwe eyeegatta obwegassi ku kkanisa! Mukiraba?

*Bwe mbabuulidde eby'ensi, ne mutakkiriza, mulikkiriza mutya bwe nnaabuulira . . . eby'omu ggulu?*

<sup>266</sup> Kati muwulirize kino wano. Mwekkaanye.

*Era tewali muntu eyali alinnye mu ggulu, wabula oyo eyava mu ggulu, ye Mwana w'omuntu ali mu ggulu.*

<sup>267</sup> Kati ekyo mukinnyonnyole.

<sup>268</sup> Omanyi, lumu, Yababuuza nti, “Kristo mumulowoozaako mutya? Ye Mwana w'Ani?”

Ne bagamba nti, “Ye Mwana wa Dawudi.”

<sup>269</sup> N'ababuuza nti, “Kati ate lwaki Dawudi, mu Mwoyo, yamwogerako nti, ‘Mukama yagamba Mukama wange nti, “Tuula ku mukono Gwange ogwa ddyo’”? Yali ayinza atya okuba Mukama We ate nga Mwana We?” Tewali muntu yeetantala kuddamu kumubuuza kintu kyonna.

<sup>270</sup> Mu Kubikkulirwa, Yagamba nti, “Nze Kikolo era Omuzukkulu wa Dawudi.” Mukiraba? “Nze Muzabbibu era Ettabi. Nze lubereberye. Nnaliwo nga olubereberye terunnabaawo. Nze nnali olubereberye, era—era, Nze nnali Omuzukkulu We.”

<sup>271</sup> Kati, wano Yagamba nti, “Tewali muntu yali asse wansi okuva mu Ggulu, wabula Omwana w'omuntu mu kaseera kano ali mu Ggulu.”

<sup>272</sup> Lumu waliwo omukyala, eyambuuza, ekibuuzo. Ne mmugamba nti, “Nnyanukula kino.”

Yambuuza nti, “Yesu yali asaba Ani, mu lusuku e Gesusemane?”

<sup>273</sup> Nange ne mmubuuza nti, “Ani gwe Yali ayogerako bwe Yagamba nti, ‘Tewali muntu yali alinnye mu Ggulu, wabula Oyo eyava mu Ggulu, nga Ye Mwana w’omuntu ali mu...kaakano ali mu Ggulu?’ Ani?”

<sup>274</sup> Wuuno, Ayimiridde wano waggulu ku nnyumba ayogera ne Nikoodemu, kyokka amugamba nti, “Ndi mu Ggulu.” Si bwe kiri? Ekyo leka tukiterekere akawungeezi. Mulaba mutya? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Obudde buyise nnyo. Ha, bannange! Mukifumiitirizeeko okumala akaseera, ettuntu ly’olwa leero.

<sup>275</sup> Oyingira otya mu Kkanisa? [Ekibiina kiddamu nti, “Ozaalibwa.”—Omuk.] Ozaalibwa. Nga ozaalibwa ki? Omukka gwa Katonda.

Nzisiaako omukka, nzisiaako omukka;  
Omwoyo wa Katonda omulamu, nzisiaako  
omukka.

<sup>276</sup> Okwo kwe kusaba kwange: leka Omwoyo Omutukuvu asse omukka. O, bannange! Kubanga, Omukka gwa Katonda, gutegeeza ki? Kussibwako nvumbo munda mu Bwakabaka bwa Katonda, nga nkimanyi nti, bwe nnayatula omulundi ogwasooka, nnakkiriza Yesu Kristo. Weewaawo.

Kati, ku Kukkiriza, ne nnyongerako obulungi, obulungi bwa Katonda.

Ku bulungi bwange, nnyongerako okutegeera Ekigambo.

<sup>277</sup> Ku kutegeera kwange, nnyongerako, okwefuga, okwegendereza. Ekyo nkyagala nnyo. “Eggwanga lyange liryo, tikkira emmeme yange n’okwefuga, okuva ku nnyanja okutuusa ku nnyanja eyakaayakana.” Mukiraba?

<sup>278</sup> Obugumiikiriza. O, bannange! Nga ogezeseddwa. Teweeraliikirira; Ssetaani ajja kubikubalira. Kaakano nnyambuka amadaala. Mukiraba? Nyongeddeko obulungi, okutegeera, okwefuga, kati mnina okwongerako obugumiikiriza. Naye era ssinnafuna Mwoyo Mutukuvu.

<sup>279</sup> Bwe mmala okwongerako okugumiikiriza, ate ne nnyongerako okutya Katonda. Ekyo mumanyi kye kitegeeza? Kufaanana Katonda. Ekyo nakyo ne nkyongerako. Ne sseeyisa bubi. Naye ne nneeyisa nga omusajja Omukristaayo omuntumulamu bw’asaanidde okwefuga. Ekyo leka kireme kuba kintu ky’okaniikirira obukaniikirizi. Leka kibeere nga kiva munda mu nze, nga kwagala kwa Katonda, kwe kubumbujja. Okiraba? Mukiraba? Si kugamba mbu, “Uh-

uh-uh-uh, nkukakasa, nnandikikoze, naye oba oli awo leka nkireke.” Mukiraba? Huh-uh. Huh-uh. Kitegeesa, era mwekiri.

<sup>280</sup> Kuba Kuzaalibwa. Nnazaalibwa mu *kino*, mu *kino*, mu *kino*, mu *kino*, mu *kino*, mu *kino*. Olwo okwagala kwa Katonda, Kristo, ne kukka wansi ebyo byonna ne kubiteekako envumbo ne kubisibira munda mu nze, olw’okuweereza. Mukiraba?

<sup>281</sup> Kati olwo kiki ky’Akola bw’Ampa Omwoyo Omutukuvu? Akwawula n’akuteeka mu kifo ekikyo wekka, n’akulamba. Okiraba? Awo obeera muntu wa njawulo. Okuva awo, oba tokyali wa nsi. Okiraba? Obeera oyambaziddwa mu ngeri ya njawulo. Obeera oyambadde mu ngeri ya njawulo. Si n’ekyambalo kino eky’oku ngulu. Nedda, nedda. Tekikwetaagisa kulabika mu ngeri ya njawulo era etali ya bulijjo, n’ekitogi eky’ekikuggu, nga olinga, gwe bakolako omukolo gw’okutikkirwa. Nedda, nedda. Ekyo si ky’okola. Oyambala, engoye, bw’oti nga bulijjo. Ekyambalo eky’omwoyo kye kikulu. Obeera oyambaziddwa ekyambalo ky’embaga. Olwo obeera kiki?

<sup>282</sup> Nga Yesu, mulabeeyo, Yasiikirizibwa, era n’Awanyisibwa awo wennyini nga balaba, ekyambalo Kye ne kyakaayakana nga enjuba. Wuuyo awo, Yesu, Katonda nga ateeka Omwana We Yennyini mu kifo eky’obuyinza. Mukiraba? Oluvannyuma ne wajja Musa. Ne Eriya n’ajja. Awo Peetero n’agamba nti, “Naye omanyi, ki—kirungi ffe okubeera wano.” Mulaba omuntu bw’akyamuka? Weewaawo. O, olwalaba ekisukkulume ku bya bulijjo nga kikoleddwa! N’agamba nti, “Leka tuzimbe ensiisira ssatu. Leka tuzimbe emu nga ya Musa, endala ya Eriya, n’endala nga Yiyo.”

<sup>283</sup> Era aba tannamaliriza kwogera, Katonda n’amusalako, n’agamba nti, “Ono ye Mwana Wange omwagalwa. Mu bintu bino byonna bye Nnalagira Musa okukola, ne nteekawo n’amateeka okuyita mu Musa; n’obwenkanya okuyita mu bannabbi; byonna Abituukirizza. Mumuwulire. Nze kaakano leka nzire ku bbali. Muwulire Ye. Muwulire Ye.” O, bannange! Nga kintu kirungi nnyo!

<sup>284</sup> Kati, bwe tumala okutuukiriza ebisaanyizo bino, ne tujjula embala za Katonda wamu n’ebintu bya Katonda, olwo nga Omwoyo Omutukuvu akka wansi nga atussaako envumbo nga atusibira mu Bwakabaka. Temweraliikirira. Buli omu ajja kukimanya bw’anaamufuna. Tekijja kukwetaagisa kugamba nti, “Bannange, ekitiibwa kibe eri Katonda, mmanyi nnamufuna. Nnayogera mu nnimi. Ekitiibwa kibe eri Katonda, mmanyi nnamufuna. Nnazinirako mu Mwoyo.” Tekijja kwetaagisa kubaako ky’oyogera. Buli omu ajja kukimanya nti wamufuna. Teweeraliikirira. Weewaawo. Ajja kweweera obujulizi. Ajja kukkaniriza kimanyibwe mu makkati g’abantu.

<sup>285</sup> Katonda abawe omukisa. Nsanyuse nnyo okubeera wano nammwe enkya ya leero, ne tubeera n'ekiseera kino eky'okussa ekimu. Muwulirize, ekkanisa yaffe ntono, era tetulina kifo wa kutuuza bantu ababa bazze wano. Tetuli kibiina kya ddiini. Tukkiriza era tussa kimu na buli kibiina kya ddiini. Wano mujjajo kubanga mwagala okujja. Era nammwe, tubaagala. Era twagala buli kibiina kya ddiini, buli muntu . . .

<sup>286</sup> Nzikiriza nti mu bibiina by'amadiini ebyo byonna waliyo abantu Abakristaayo. Baganda baffe era bannyinaffe mu Kristo.

<sup>287</sup> Kale, n'olwekyo, tetulina bukwakkulizo bwonna, tewali kye weegattako, tewali ky'olina kukola okuggyako okubeera obubeezi Omukristaayo. Nga E. Howard Cadle bwe yateranga okugamba nti, "Tetulina tteeka wabula okwagala, tetulina kitabo kirala kyonna okuggyako Bayibuli, tetulina kikwate kya nzikiriza wabula Kristo." Ekyo kituufu. Jangu otukyalire. Tujja kusanyuka. Tukkiriza Enjiri Enzijuvu, buli katundu ku Kigambo. Tukikkiriza nga bwe kiri. Tetukyongerako kintu kyonna, wadde okukitoolako ekintu kyonna, wadde okukigattako ekintu kyonna okuva mu bibiina by'eddiini. Tukireka nga bwe Kiri. Ky'ekyo. Era tuba basanyufu bulijo okuba nammwe. Tukwaniriza okukunjaana naffe bw'obeera osobodde. Tusabira abalwadde. Tukkiriza buli kimu kyonna Bayibuli ky'egamba okukola. Ffe "twerabira obunafu bwaffe, tubuleka emabega, nga tukunukkiriza okutuuka awali akabonero ak'Okuyitibwa okwa waggulu."

<sup>288</sup> Kati, ekintu ekirala kimu. Munakkiriza kyogerwe? Okwosa jjo ku makya . . . Bwe munaaba mwetegerezza ku-lubaawo wabweru awo, kuliko okwolesebwa. Nnafuna okwolesebwa. Zaali ssaawa nga kkumi n'emu ku makya, mukyala wange erudda wali akimanyi, oba kkumi na bbiri. Nnali nzuukuse. Twali tuzuukuse okuteekateeka abaana okugenda ku ssomero.

<sup>289</sup> Okwolesebwa kuno, bulijo ntera okukufuna. Era mwenna mukimanyi bulungi, buli omu ku mmwe wano, nti tekulema kutuukirira. Bulijo, kutuukiririra ddala. Mukiraba? Tekulemwa kutuukirira.

<sup>290</sup> Kati nnalowooza nti nze muntu asingayo okuba omusanyufu gwe nnali ndabye. Nnali nnyimiridde mu nnjuba, e-n-j-u-b-a, era nnali—nga mbuulira Enjiri eri ekibiina ky'abantu, ekinene ennyo.

<sup>291</sup> [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu katono—Omuk.] Mbadde njagala kulaba oba nga bikwatibwa ku lutambi.

<sup>292</sup> E—ekibiina ky'abantu, ekinene ennyo, era baali batudde mu kibira. Era amagulu g'enjuba gaali gaabakako, *wano* na *wali*, nga bwe bakiwulira, nga bwe bawulira Ekigambo.

<sup>293</sup> Era nze, nga bulijo, ndwaawo nnyo, mbalwisaawo nnyo, ndwaawo nnyo nga mbuulira. Kati nnalwaawo nnyo nga mbuulira, okutuusa ekibiina ky'abantu abaali bampuliriza

Iwe baalumwa enjala y'emmere ey'omubiri. N'abamu, ku bo, ne bakoowa. Kye baava basituka, ne bagenda okwenoonyeza eky'okulya, ne batandika okugenda.

Ne mbagamba nti, “Temugenda. Temugenda.”

<sup>294</sup> Nnalina ebintu bya mirundi ebiri bye nnali njagala okumaliriza nabyo, bye nnali njagala okutuukako, mu bubaka bwange. Era Mukama ye yali abumpadde. Buli mbuulizi yenna akimanyi, nti bw'oba nga ddala okimanyi nti Katonda y'abukuwadde, obeera oyaayaana okububuulira abantu.

<sup>295</sup> Kati nnali mbuulira, Charlie, n'amaanyi ddala nga bwe nsobola okubuulira, nga bwe nzikaatiriza, nga bwe mumanyi, nga bwe ηjamba nti, “Ebintu bino byonna ebikulu, *kino* Katonda ky'akola. Mulabeeyo *kino*. Ayawula ebirowoozo by'omu mutima. Kye kiki? Kye Kigambo.” Nga bwe mbuulira bw'entyo. Era, ha, singa mbadde nsobola okujukira bye nnali njogera n'omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyange. Ssibijukira. Mukiraba? Naye nnali mbuulira bubuulizi.

<sup>296</sup> Era nnali nneeraba nga nkikola. Era kati mba ndi awo nnyimiridde, nneetegereza, nneeraba bwe nkibuulira.

<sup>297</sup> Era nnali mbuulira, n'amaanyi gange gonna. Bwe waayitawo akaseera, ne nsituka, omanyi, ne ndowooza muli nti, “Ekitiibwa kibe eri Katonda!” Ne ηjamba nti, “Mulabe ebintu bino ebirungi, na *kino*, na *kiri*!”

<sup>298</sup> Butereevu, ηjenda okulaba nga abantu enjala etandise okubalumira ddala. Kale baali balidde emmere ey'omwoyo emala, bwe batyo ne batandika okuvaawo. Abamu ku bo ne baayuuya [Ow'oluganda Branham ayayuuya—Omuk.] ne batandika okuvaawo.

Muli ne nneebuuza nti, “Abantu babadde ki?”

<sup>299</sup> Ne—ne ntunula, ne ndaba abafumbo abakyali abato nga batambula, bajja gyendi. Muli ne ndowooza nti... Kye nnava ηjamba nti, “Lindako katono, mukwano! Lindako katono! Mujja kukomawo nga enjuba egoloobye.” Mukiraba? Ne ηjamba nti, “Mujja kukomawo. Naye mulinde nsooke mbawe *kino* ekisembayo. Ebintu bino byonna biva wa, bye mbalaze? Biva wa?” Ne ηjamba nti, “Biibino wano. Biri mu Kigambo kya Katonda. Biri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kisuubizo Kye. Kubanga,” ne ηjamba nti, “mwenna muli bajulirwa bange, nti, omulimu gwange gwe nnatumibwa okukola guli nti, ‘Nywerera ku Kigambo.’” Ne ηjamba nti, “Kikyamu ki ekibaliko mwenna? Temusobola kutegeera Kigambo? Muteekwa okukitegeera.”

<sup>300</sup> Abamu ku bo kye baava bagamba nti, “Owaaye, nze njagalayo ku bisikwiiti,” n'ebirala bwe batyo.

<sup>301</sup> Kati, mu nze kye nnava ηjamba nti, “Kale, ekitiibwa kibe eri Katonda! Bwe baba baagala bisikwiiti, ka bagende bamufune.”

<sup>302</sup> Kye na—kye nnava nkyuka. Muli ne ḥṇamba nti, “Ha, naye, omanyi? Enjuba egenda kugolooba, mu kaseera katono, nnyo.” Ne ḥṇamba nti, “Kati, akawungeezi, ekibiina ekyo bwe kinaaba kikomyewo, nja kugenda mu maaso mbawe ekitundu ekyo kye njagala okumaliriza nakyo, era mbagambe nti ebintu bye bandabye nkola bisangibwa mu Kigambo kya Katonda, si mu kitabo eky’enfumo obufumo oba mu kibiina ky’eddiini. Wabula bisangibwa mu Kigambo. Mukiraba? Buli kimu ku byo, biri mu Kigambo, kubanga nnatumibwa eri Ekyo.”

<sup>303</sup> Muli ne ndowooza nti, “Omanyi, bonna, buli omu ku bo, bajja kukomawo akawungeezi, era kino kye nja okukola. Nja kuddako emabega katono, mbeeere nga atekawo omusingi.” Mumanyi engeri gye nkikolamu ku mirembe gy’ekkanisa gino n’ebirala, ne nziramu ne njogera bye nnayogera mu kusooka. “Nja kukiteerawo omusingi, nga nkyesigamya ku Kigambo, olwo ndyoke ntuuke, ku ntikko eno ey’ekitalo.” Ne ḥṇamba nti, “Nga kajja kuba kaseera kanyuvu nnyo! Katonda atenderezebwe!” Ne nneeraba nga ḥṇenda nkendeera, ne mpulira nti, “Katonda atenderezebwe.” Ne nneeraba nga ḥṇenda nvaawo mpolampola *bwe nt yo*. Ḧṇenda okweraba, nga nnyimiridde awo.

<sup>304</sup> Kati, kuno kwe kuvvuunulwa kw’okwolesebwa okwo. Mukiraba? Ebintu bye nnasooka okukola, ebintu ebikoleddwa, abantu babadde tebabitegeera, abasinga obungi ku bo. Ssitegeeza abakkiriza Enjiri Enzijuju n’abatukuvu ba Katonda, naye, ntegeeza, mu bantu abasinga obungi. Ate temwandyagadde kutunuulira nsi, kosmos, nga Obubaka bwa Katonda. Bw’ogenda n’ogamba nti . . .

<sup>305</sup> Nga Boze bwe yagamba nti, “Bulijjo mbaddenga . . .” Yagamba nti, “Nnaloota ekirooto, emyaka mingi egyayita, nti—nti Katonda alintuma ḥṇende mu Chicago era nnyeenye Chicago olw’ekitiibwa kya Katonda.”

Ne mugamba nti, “Joseph, ekyo Yakikola dda.”

Kye yava ambuuza nti, “Naye, nga babadde tebanyeenyeezebwanga okuva mu biseera bya Moody.”

<sup>306</sup> Ne mmugamba nti, “Ekyo ky’otegeeza? Nze njogera ku Kkanisa. Abo abasigadde balinze kwokebwa. Abo nfuufu ya nsi, ekibinja ekyo ekikwatiridde ku nguudo, ba Yezebeeri abeesiize langi n’abalala aba buli ngeri.” Ne ḥṇamba nti, “Abo bali bweru eri. Ebibiina ebyo ebinene ebya munnomukabi n’ebirala bijja kusaanawo byonna bigwe eyo mu nguudo.” Ne ḥṇamba nti, “Ayogera ku Kkanisa. Ekkanisa eyalaba okubikkulirwa kwa Yesu Kristo nga alabisiddwa, era ne bamutegeera. Bayinza obutawera kkumi na bataano abaliva mu Chicago. Bayinza obutawera kkumi mu mulembe guno, okuva mu kibuga kyonna ekyo Chicago, abalifulumayo.”

<sup>307</sup> Ekyo mwali mukirowoozezzaako? “Nga bwe kyali mu biro bya Nuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu Kujja

kw'Omwanawo w'omuntu, omwalokolebwa abantu omunaana.” Uh-huh. Bameka abaava mu Sodoma? Mulaba kye ntegeeza? Mbuousabuusa nga baliwera olubatu. Mukiraba?

<sup>308</sup> Naye Ekkanisa Yo yennyini bafunye okunyeenyebwa. Bakutegedde. Ekigambo baakitegeera. Baalaba Ekigambo bwe Kyayambala omubiri, era ne bakikwata. Kati, kaakano ekyo mukyekkaanye okumala eddakiika.

<sup>309</sup> Era Obubaka buno obwasooka, buli lwe baabulabanga, buli omu yabwettaniranga, nga bagamba kimu, “O, ekitiibwa kibe eri Katonda! Nyabula, singa ndaba *kino*, na *kiri*, *n'ekirala*.” Naye ne bagenda, nga bwe bajja. Mukiraba?

<sup>310</sup> Naye kati bawoza kimu, “Wabula, ssimanyi. Ggwe wandyegasse ku eriwa yonna? Bwe sseegatta ku *eno*, *kino* kye kijja okubaawo. Ate eno, bajja kungoba, ate *n'eno* mbeere nga sikyalina kye nkolayo.” Ab'oluganda batuwa wansi ne beewuunaganya nti, “Naye kati, nandikoze ki bwe nga...?” Mukiraba ekyo? Tebagumiikiriza kimala kukitegeera nti Kye Kigambo Katonda kye yasuubiza, kye kirabisiddwa. Mukiraba? Nga bavaawo.

<sup>311</sup> Naye, temweraliikirira, ebisiikirize bisembedde, mukiraba, bwe ndiddayo mu njiri.

<sup>312</sup> Mujjukira, ekiro kiri, Obubaka bwe Yampa obukwata mu kiseera ekyo bwe nnali nga nsimba ejjinja liri ery'oku nsonda? Ky'ekyo kyennyini. Bwali bugamba nti, “Kolanga omulimu...” Yanjamba nti, “Bw'ova mu kwolesebwa kuno, soma Timoseewo Eky'okubiri 4.” Mumanyi, nga kyateekewa wansi awo wennyini mu jjinja ery'oku nsonda, emyaka asatu mu esatu egiyise.

<sup>313</sup> Yagamba nti, “Kolanga omulimu gw'omubuulizi w'enjiri, tuukirizanga okuweereza kwo. Kubanga ebiro birijja lwe batalikkiriza kuwulira Kuyigiriza kwa bulamu; naye olw'okwegomba kwabwe balikuññaanya abayigiriza, nga amatu gabasiwa; okulekanga enfumo...balikyama okulekanga Amazima okugobereranga enfumo.” Ekyo bwe kiba tekituukiridde ddala nga bwe kigamba, kigambo ku kigambo! [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

<sup>314</sup> Naye, era, mujjukire, ekiro kya luli, lwe nnali ssisomanga kitundu kiddako. Okumala emyaka asatu n'omusobyo gye mbuulidde mu kkuññaaniro lino, tewali mulundi n'ogumu lwe nnali nsusse awo, era nange simanyi lwaki.

<sup>315</sup> Mbaddenga nneewuunya, okutuusa, lumu, lwe nnalaba Yesu we yakwata Omuzingo n'atandika okusoma, n'asoma ekitundu ky'obunnabbi, n'akoma awo, n'agamba nti, bwe yali e Kaperunawumu, n'Agamba nti, “Era leero, obunnabbi buno butuukiridde.” Lwaki ebirala teyabisoma? Byali bikwata ku Kujja Kwe okw'omulundi ogw'okubiri. Mukiraba?

<sup>316</sup> Nange ekitundu ekyo ekirala nnakisoma, nga ssimanyi na kumanya. Nakikwata, nga kye kiikyo kyennyini, mu maaso gange, bwe nnali mu Southern Pines, mu South Carolina. Ku makya ago, bwe nnali nga nnyimiridde awo, nga njogera ne Joseph Boze, nga nneesigamye ku mmotoka, ne nkifuna. [Ow'oluganda Branham akuba entoli—Omuk.] Pawulo yagamba nti, “Nze... Abantu bonna banneefulira. Tewali n'omu ali awamu nange. Dema yandekawo; nga ayagala emirembe egya kaakano. Era nze kati...” Mulabeeyo. “N'omuweesi w'ebikomo yankola obubi bungi.”

<sup>317</sup> Mulabe Dema ky'ayinza okuba nga yalowooza: “Naye ddala, ndabye Pawulo nga abuulira Enjiri n'awonya abalwadde. Naye kati wuuno wano, abonaabona, yekka, nga atambula ne dokita amujjanjaba, Lukka. Buli wamu w'agenda, agenda ne dokita, omusajja abuulira nti Katonda awonya. Ate nga, nnali mmulabye nga aziba omusajja amaaso. Yamugamba nti, ‘Mukama akunenye, era ojja kuba muzibe okumala ekiseera.’ Naye ate n'akkiriza omuweesi w'ebikomo okumugoba mu lukunjaana. Alabika takyalina maanyi gaziba bantu maaso. Kitalo nnyo, takyalina maanyi ga kuwonyezebwa kwa Bwakatonda. Katonda yamuvaako.”

<sup>318</sup> Sirowooza nti Dema yagenda mu nsi, kubanga Dema yali ava mu... mumanyi ebyafaayo bye. Yali ava mu maka amanene, ate nga magagga. Kale yali ayagala kutambilira mu bulamu bwe bumu n'abalala.

<sup>319</sup> Naye, Pawulo, musajja watu Pawulo. Kyali kiki? Katonda bulijjo aleka obuweereza ne butuuka mu mbeera bw'etyo, ate oluvannyuma n'abutikkira engule.

<sup>320</sup> Yaleka Yesu n'atuuka mu kifo. Mwekkaanye. N'aba nga Asobola okuzuukiza abafu, nga Asobola okukola kyonna ky'Ayagala; naye ate n'akkiriza omusirkale Omuluumi okumusika ebirevu Bye, n'amuwandulira n'amulusu mu maaso Ge. [Ow'oluganda Branham akola eddoboozi ly'okuwandula—Omuk.] N'amukuba ku... N'amusiba ekiwero ku maaso, n'amugamba nti, “Kati, bw'oba Omanyi, baŋŋamba mbu Oli Nnabbi.” Bonna ne bamwetooloola nga balina emmuli, ne bamukuba ku mutwe. [Ow'oluganda Branham abaako ne ky'akuba.] Ne bamugamba nti, “Kati tubuulire ani akukubye.” Yali amanyi ani amukubye. Uh-huh. Ddala. Yali amumanyi. Mukiraba? Naye obuweereza Bwe bwali buseemberedde okutikkirwa engule.

<sup>321</sup> Bulijjo butuuka mu kiseera we bulabika nga obunafu ennyo, ennyo ddala, nga bulinga obusaanawo, awo Katonda n'alyoka abutikkira engule.

Ai Mukama, leka kibeewo. Leka kibeewo, Mukama.  
Leka tukoteke emitwe gyaffe.  
Mmwagala, mmmwagala

Kubanga Ye yasooka . . .

Kati mumusinze. Tubadde n'okuyigiriza okukalubo.

Era n'asasulira obulokozi bwange

Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

<sup>322</sup> Leka tuyimuse emikono gyaffe gy'Ali kaakano.

Nze . . .

Kati mubeere mu Mwoyo, mulaba, "Mmwagala."

. . . Mmwagala

Kubanga Ye yasooka okunjagala.

Era n'asasulira obulokozi bwange

Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

<sup>323</sup> Kati, leka tuyimirire, ku bigere byaffe.

Mu kayimba kaffe akatusiibula, bwe tuyimba ekitundu ekisooka, tugenda kukwataganako mu ngalo; ekitundu eky'okubiri, tugenda kukiyimbira Katonda. Kale. Oluvannyuma tusiibulwe.

Kati, ka tuluyimbe:

Twalanga Erinnya lya Yesu,  
Ggwe omwana ow'ennaku n'okulumwa;  
Lijja kukuwa essanyu era likugumye,  
Litwale buli gy'ogenda yonna.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!  
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;  
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!  
Lye ssuubi ly'ensi . . . Eggulu.

<sup>324</sup> Kati, mujukire kino, kati. Njenda kubaako ow'oluganda wano, gwe nsaba, gwe mnabadde naye mu kisenge eddakiika ntono eziyise; o—ow'oluganda omulungi, omuminsani eri aba Assemblies abali mu ddungu; nneerabidde erinnya lye, njenda kumusaba, atusiibile mu kusaba nga tumaze okuyimba ekitundu kino ekiddako:

Twalanga Erinnya lya Yesu,  
Nga Engabo eri buli kyambika;  
Era ebikemo bwe bikwetooloola,  
Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu  
kusaba.

<sup>325</sup> Olyoke olabe emizimu bwe gibuna emiwabo. Mukiraba?  
Kati, mujukire nti:

Twalanga Erinnya lya Yesu,  
Nga Engabo eri buli kyambika;  
Era ebikemo bwe bikwetooloola,  
Yimirira buyimirizi, oyatule Erinnya eryo  
Ettukuvu mu kusaba.

<sup>326</sup> Olabe ekinaabaawo. Kale. Kaakano fenna wamu.

Twalanga Erinnya lya Yesu,  
 Nga Engabo eri buli kyambika;  
 Ebikemo bwe bikwetooloola, (Onookola ki,  
 kati?)  
 Yatula bwatuзи Erinnya eryo Ettukuvu mu  
 kusaba.  
 Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya  
 ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga  
 ddungi!)  
 Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;  
 Ery'omuwendo..., (...?...mulaba omuuala  
 oyo omuto...?...) O nga ddungi! (Jangu  
 wano, mukwano.)  
 Ly'essuubi ly'e...

<sup>327</sup> Nga bw'oyimiridde wano: Omulundi gwe nnasembayo okuba  
 mu kkunjaaniro, wano (Maama ono aseka nga bw'asongo ku  
 mwana.), omwana ono yali ayambadde ekisipi ekimuyambako  
 ku bulumi. Naye kati wuuno, adduka bwe yeatala eno n'eri,  
 azannya bulungi leero. Ekyo si kirungi? Mukama yeebazibwe.  
 Kati, mulabeeyo: Mukwano, buukabuukamukko awo, obalage,  
 nga bw'osobola okudduka ne weetala. Mukiraba?

O,      Erinnya      ery'omuwendo,      (Kati,  
 mujjukire, waliyo okulya Okussa ekimu  
 akawungeezi)...nga ddungi!  
 Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;  
 Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!  
 Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'e...

<sup>328</sup> Kaakano leka tukotekе emitwe gyaffe. Era tujjukire  
 enkuunjaana ez'akawungeezi, kati; era waliwo okulya Okussa  
 ekimu akawungeezi ka leero. Era mwenna mujjukire nti, mmwe,  
 Abakristaayo, tubaaniriza okujja okulya Okussa ekimu awamu  
 naffe. Tusuubira okubeera n'ekiseera ekirungi ddala.

<sup>329</sup> Omusumba waffe omwagalwa, wano, Ow'oluganda  
 Neville, ne... Bameka abaagala Ow'oluganda Neville?  
 Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—  
 Omuk.] Muwulirize, ab'oluganda, mumpulirize nga...nga  
 omu ku basumba b'omu kkunjaaniro wano: Muyimirire  
 wamu n'Ow'oluganda Neville. Muyimirire naye. Mukiraba?  
 Muweereza wa Kristo. Muyimirire naye. Bayibuli egamba nti,  
 "Tukunjaanenga wamu: nga bwe tulaba nga olunaku luli olubi  
 luseembedde kumpi." Mujje mu nkunjaana, mujje; leka tujje era  
 tuyimirire wamu n'omusumba waffe. Mukiraba? Twekwatire  
 ddala ku... 

62-1104M Amannya Agavvoola  
mu Kkuŋŋaaniro lyā Branham  
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS  
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.  
[www.branham.org](http://www.branham.org)

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekewa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

[www.branham.org](http://www.branham.org)